LUGANDA
IS THIS THE SIGN OF THE TIME, SIR?
62-1230E

Obubaka Obwabuulirwa
William Marrion Branham

"... mu nnaku z'eddoboozi ..." Okub. 10:7

Kano Ke Kabonero K'Enkomerero, Ssebo?

Jeffersonville, IN, USA

Ennyanjula

Obuweereza obwayatiikirira obwa William Branham kwaali okuddamu okw'Omwoyo Omutukuvu eri obunnabbi obw'Ebyawandiikibwa mu Malaki 4:5,6, Lukka 17:30, n'Okubikkulirwa 10:7. Buno obuweereza obw'ensi yonna ebadde entikko ey'obunnabbi obulala bungi obwa Bayibuli, n'okugenda mu maaso okw'okukola kwa Katonda n'Omwoyo We Omutukuvu mu biseera bino eby'Oluvannyuma. Obuweereza buno bwayogerwako mu Byawandiikibwa, okuteekateeka abantu olw'Okukomawo okw'Omulundi ogw'okubiri okwa Yesu Kristo.

Tusaba nti Ekigambo ekyakubibwa kinaafuuka obuwandiike mu mutima gwo bw'osoma obubaka buno eno nga bw'osaba.

Okufuba kwonna kukoledwa okukutuusaako obuwandiike obutakyusidwamu, entambi z'okuwuliriza ez'Olungereza zezisinga okuba ennungi ez'obubaka obwayogerwa Ow'oluganda Branham.

Ebika by'entambi n'ebitabo eby'obubaka obusoba mu 1,100 obwabuulirwa William Branham kati obufuna ku bwereere okubuggya n'okubukubisa mu nnimi nnyingi ku:

www.messagehub.info

Obubaka buno osobola okubukopa n'okubugaba kasita bubeeranga bukopeddwa nga bwe buli, tebukyusiddwamu, era nga bugabibwa ku bwereere.

Nangulira Obulokozi,
Ku musalaba.
Yee, Mwagala... (N'omutima gwange gwonna) Mwagala.
Kubanga... (Kino kye kiseera.)
Nangulira Obulokozi,
Ku musalaba.

Njigiriza, Mukama, okulinda.
Mwagala, era mmanyi nammwe mumwagala.

350 Kati, enkya ekiro… Ndowooza nkiragidde ddala nnyo bulungi (Nkikozze?), okuba nga kitegeerekekera ddala bulungi nga bwe nsobola okukikola. Ekyo kye mmanyi. Kye kyo kyokka kye mmanyi okwogera. Era obanga kimbikkuliddwa olw'ekintu ekimu, nja mangu nnyo kubabuulira. Mmanyi mwagala okumanya. Njagala okumanya. Simanyi kye kyategezeeza; simanyi wa—wa gye nngenda; si—simanyi kiki kigenda kubaawo. Ndi—Ndi bubeezi… Ekintu kyokka kye mmanyi, nngenda bugenzi olw'ekisa kya Katonda. Awo osanga anambuulira nga ntuuse yo. Naye nze kati ekyange kya kugenda. Era nnyinza obutamalayo wiiki bbiri okutuusa lwe nabeera mu kifo ekirala, era osanga nkomewo wano. Ekyo kituufu. Simanyi naye nze… Okwolesebwa okwo kwalimu mukyala wange n'abaana bange mu kwo, era ekintu kyennyini kyali… Nnali mu mmotoka era mangu bwenagiyingiramu bwenti, waliwo—nnali mu mmotoka yange. Era eyo ye ngeri gye tugenda okugendamu mu nnaku ntono ezijja. Nga tetumanyi wa gye tugenda, nga tetumanyi kiki kye tugenda kukola nga tutuuseeyo, tugenda bugeezi.

Katonda yeewuunyisa gye tuli kubanga amakubo Ge teganonyezekeka. Ayagala kugonda.

"Ogenda wa?"

" Ebyo tebikukwatako; genda bugeezi."

" Oyagala nkole ki, Mukama?"

351 " Ekyo tekikukwatako, Ggwe ngoberera. Genda bugeezi mu maaso ng'otambula."

" Nngenda kukoma wa?"

352 " Ekyo kye ki gy'oli? Genda bugeezi mu maaso ng'otambula." Kale nzuuno nngenda. Mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Mwagala, Mwagala,
Yasooka okwagala nze,
Nangulira Obulokozi,
Ku musalaba.
Nze…(Ye bulamu bwange,)
Nze… (Ye byonna lwaki mbadde mulamu.)
Yasooka okwagala nze,
Nangulira Obulokozi,
Ku musalaba.
Bassebo, kino kye kiseera?

353 (Ow'oluganda Branham amuumuunya "Mwagala"—Omuwa.) Nga tuluyimba nate, kwatako mu ngalo omuntu akulinaanye; gamba, "Muganda wange, mwannyinazze, nsabira; nja kukusabira."

354 Nze… (Tusabire.)… (Mangu ddala…?... Ow'oluganda,nsabira. Munsabira, ab'oluganda. Mutusabire.)

Nangulira Obulokozi... (Nsabira.Nsabira.)
Ku musalaba
Yee, Mwagala... (Ka tuwanike emikono gyaffe kati Gy'ali.) Mwa...
(okwagala okwannamaddala)
Yasooka okwagala nze,

Kano Ke Kabonero K'Enkomerero, Ssebo?

1 Weebale nnyo, Ow'oluganda Neville. Mwasiibye mutyanno, mikwano gyange ab'omuwendo. Ndi musanyufu nnyo okudda nate leero mulukunngaana lwa Mukama, Katonda waffe. (Kino ki; kino kye kyo, oh, yee; ekyo kirungi.) Nnabalwisizza nnyo ku makya ga leero okutuusa lw'empulira nga nteekwa okwanguwa nnyo leero.

2 Abange, nga kyabadde kibi nnyo, okuyimirira, era ne leero kibi bwekityo. Kale tekiibe kiseera kiwanvu, nga tetunabafunira kifo (Olaba?), mangu ddala nga ekkanisa ewedde.

3 Nedda, naye tetuteeseteese kulwawo nnyo leero. Naye olw'enkya ekiro, tulubirira okulwawoko. Enkya ekiro, abamu ku mmwe bwe muba musobola okujja enkya ekiro, mazima twesunga okuba n'olukunngaana olw'ekitalo mu Mukama waffe. Wajja kubaawo abasajja abalungi wano enkya ekiro… Ffenna tujja kuba n'ekiseera … [Doc Branham ayogera eri Ow'oluganda Branham—Omuwa.]

4 Tujja kuba n'okusembera ku mmeeza ya Mukama mu ttumbi, enkya ekiro. Ndi mukakafu mujja kwagala okuba … okukibaamu. Abalala bwebanaaba nga balekaana, bawowogana, balasa, nga batamiira, n'ebirala, ffe tujja kuvuunama buvuunami mu bwewombeefu mu maaso ga Katonda era tulye okussa ekimu era tutandike omwaka n'ekirayiro, okuwaayo emitima gyaffe eri Katonda mukwewonga Gy'ali.

5 Era wajja kubaawo aboogezi abalungi wano enkya ekiro, mazima ddala. Waliwo aba … Ow'oluganda okuva e Georgia ali wano, Ow'oluganda Palmer, omwogezi ow'ekitalo. Ow'oluganda Junior Jackson ajja kuba wano enkya ekiro; Ow'oluganda Beeler, Ow'oluganda Neville. Oh, abange, abange, n'abalala n'abalala, abasajja ba Katonda abalungi abajja okubeera wano. Ow'oluganda Willard Collins, n'ab'oluganda bonna ababadde batuwa obubaka obw'ekitalo, era osanga n'abalala bajja kuba batuuka, kale twesunga ekiseera eky'ekitalo enkya ekiro.

6 Kati, mukyala wange yagambye, "Kino tokyogera." Naye nteekwa okumala gakyogera bwentyo. Munsonyiwe nagambye "Empire" ku makya leero, mu kifo kya "Umpire." Billy, nga ali awo emabega yagambye, "Wuuyo era."

7 Nagambye, "Amatwale, ateekeddwa okuba n'amatwale." Nategezezza umpire. Kale, nfanaana nga bwe baayogera ku musajja Omudaaki, omanyi, "Temuntwala olw'ekyo kye njogera, naye kye ntegeeza." Kale, kale ne nngamba, "Ndowooza bantegeera oluvannyuma lw'emyaka gino gyonna."

8 Mumanyi kati giri nga – emyaka assatu mbadde emabega w'ekituuti kino wano. Emyaka assatu mu tabernacle (kkanisa) eno, mugwana okuba nga mummanyi kati, si bwemwandibadde? Oh, abange. Obuyigirize bwange mazima butono. Naye nze—si – sisobola kwogera, naye nnyimbira Mukama eddoboozi ery'amazima.

9 Nze … Ow'oluganda, nzikiriza yali Dokita Lamsa, owa Bayibuli ya Lamsa, e— bweyagivvuunula yagamba … lumu nnali njogera nga simmanyi nti waali. Yakomawo era yali ayogera ku Ulimu ne Suminu, yali ayogera ku Kitangaala ekyo, n'agamba, "Buzibu ki n'abantu bano leero?" Ne nngamba … N'agamba,

"Ensonga lwaki abantu, abavvuunuzi, baali tebasobola kuvvuunula Bayibuli bulungi, nti abavvuunuzi bagezaako okuvvuunula mu Luyudaaya olwawaggulu, naye Yesu mukwogera, Yayogera mu ngeri ya bulijjo, ddala ng'abantu b'okunguundo bwe bayogeranga." Era mumanyi, waliwo Ekyawandiikibwa mu Lukka ekigamba, "Abantu ab'abulijjo ne bamuwulira n'essanyu." Yayogera mu lulimi lwabwe. Nsuubira ekyo bwekiri nate.

10 Tuli basanyufu olwa Mukama. Kati, mmanyi … Ndaba abakyala abayimiridde okwetooloola. Kibi nnyo okulaba abasajja nga bayimiridde, kati ate n'abawala abo, abalenzi, abakyala, n'abalala, nga bayimiridde okwetooloola ebisenge, n'abaana abato.

11 Naye lwakuba nti tetulina kifo kimala kyakutuulamu. Kale tusaba nti – omulundi oguddako okuba n'enkunngaana, oluvannyuma lwa wiiki eno, oluvannyuma lw'omulundi guno … Omanyi, ekiddirira, okusinziira nga bwe mmanyi, bwe Bubonero obwo Omusanvu; era nga Mukama Ayagadde, tujja kubutandikako oluvannyuma ddala nga ekkanisa ewedde—okuzimba tusobole okugiyingira. Tujja olw'okugiwongayo nate, era osanga okuva ku wiiki emu oba bbiri, era osanga wiiki ssatu ez'enkunngaana kati, nga tujja olw'Obubonero Omusanvu. Kale twesunga ekiseera eky'ekitalo mu Mukama mukiseera ekyo. Era tujja … mwe mwenna abava- mu- abantu ab'omu kibuga, tujja kubaweereza kaadi ne byonna era tujja kubategeeze ekiseera kyennyini, osanga wiiki oba bbiri ekiseera nga tekinnaba kutuuka.

12 Omuzimbi, okusinzira nga bwe nnakitegedde Billy nga ayogera leero, ajja kumaliriza ku lunaku olw'ekkumi olwa February. Kale, bwaliba nga amaze nga kkumi, olwo tujja kutandika awo nga ku kkumi na ttaano. Kale mangu ddala nga bamaze, tujja kutandika kw'ekyo.

13 Omukadde mwannyinaze Kidd ankubidde essimu emabegako awo, era kumpi nga ali mu maziga. Yagambye, "Ow'oluganda Branham, twagezezaako nnyo okutandika emmotoka eyo enkadde, naye netatandika." Kale n'agamba, "Ssaba etandike, era enkya nzijje." Era n'agamba, "Simanyi oba nasanga ekifo ow'okubeera?''

14 Ne nngamba, "Teweraliikirira, tujja kukufunira –ekifo, Mwannyinaze Kidd, amangu ddala nga ofunnye, o…"

15 N'agamba, "Omutima gwo guweebwe omukisa." N'agamba, "Omanyi, bw'oba nga ogenda kuba n'olukunngaana paka ssaawa kkumi na bbiri, saagala kufulama ku ssaawa kkumi na bbiri."

16 Omanyi, ye n'Ow'oluganda Kidd bali nga emyaka kinaana mwe –ttaano egy'obukulu, naye era bakyali mu buweereza. Omanyi kye bakola? Balina akakwaata etambi, era bakwata obubaka bwange ne bagenda ddwaliro ku ddwaliro, nnyumba ku nnyumba, nga bazanya etambi. Kati, ekyo bwe kitaba … si kuwanika, ekyo si kuwummula. Ekyo kw'ekunyweza okukkiriza okutuuka ku nkomerero, okufa n'Ekitala mu mukono. Eyo—eyo ye ngeri y'okufamu. Eyo ye ngeri gyenteekwa okukikolamu.

17 Awo oluvannyuma, n'agamba, "Omanyi, bwe nngenda ku luguudo essaawa kkumi na bbiri," n'agamba, "era oluvannyuma lw'essaawa kkumi na bbiri ekiro, nga ngezaako okudda eka, era n'egyo gyonna emizimu emitamiivu," yagamba okuvuga, n'agamba, "okubayitamu nga bagenda, nga banywa," yagamba,

eky'okumubuulira. Simanyi kiki kyagenda kukola; kiri gyali.

343 Weteregeza "Eddoboozi" eryasembayo? Teritekeddwa kuba kibiina, naye balangirira ebiyiiye byabwe. Ekibiina, olwo nja kubalekawo. Ebyo nnabifulumamu.

344 Kati, ndowooza Ow'oluganda Arganbright n'Ow'oluganda Role, omukungu w'e Washington abaddewo ku bapulezidenti musanvu, atekeddwa kubeera mu Afrika. Ow'oluganda Role, wamu nange, n'ow'oluganda Arganbright tujja kugenda mu Afrika olw'e nnkunngaana ezimu: eyo mu South Africa n'e Tanganyika era n'Ow'oluganda Boze, era n'okweyongerayo paka osanga mu Australia, era okuyitira eyo nga tukumawo, Mukama bwatakola kyanjawulo. Naye nga sinaagenda, nja kudda wano.

345 Era awo bwenakomawo okuva eyo, Katonda bwannaba tayogedde nange mu ngeri ndala yonna, nngenda kutwala ab'ennyumba yange tugende e Anchorage, Alaska. Kino kiri bukiikaddyo bwa bugwanjuba, eyo kijja kubeera obukiikakono bw'ebugwanjuba. Era awo, mbaleke basigale eyo okuyita mu kyeeya, nga bw'okya nnyo eyo e Tucson. Sisuubira nga basobola okukigumiikiriza. Bajjakuba balowooza eka era banakuwale. Ekifo tetukitunda. Kigenda kusigalawo n'ebintu byamu. Simanyi kiki kyakukola.

346 Awo mu kiseera nga ekyeeya kiwedde, Mukama nga Ayagadde, njagala kuva Alaska nzijje eyo nga e Denver—mumassekati g'ebugwanjuba. Obukiikaddayo bw'ebugwanjuba, obukiikakono bw'ebugwanjuba, mumassekati g'ebugwanjuba, nga nkaaba, "Ayi Mukama, kiki kyoyagala nkole."

347 Mu kiseera kino, buli bubaka, okusinzira nga bwe manyi, obugenda okubuulirwa bujja kubuulirirwa wano, mu tabernacle eno. Wano entambi wezigenda okukolebwa; wano ekitebe ekikulu wekiri. Era sitekateeka okusigala n'ab'ennyumba yange mu bugwanjuba. Nngenda kunoonya okutuusa nga nzudde Katonda kyayagala nkole. Omwaka guno bwe sikifuna, awo omwaka ogujja, awatali mmere newankubadde amazzi, nngenda eyo mu ddungu, era nja kulindirira okutuusa lw'ampita. Sisobola kugenda mu maaso bwenti. Oteekwa okuyingira mu bunkenke. Oteekeddwa okutuuka mu kifo nga weteega okumanya okwagala kwa Katonda bwe kuli, era oyinza otya okukola okwagala, nga tomanyi kwagala ki? Nkola eteekateeka olw'ensonga y'okwolesebwa okwo kyewakola (Olaba?), nga nngenda nga omuminsani era nga mbuulira okutuusa okuyita okwo lwe kunajja.

348 Mujjukire okwasooka bwetwasaawo ejjinja eryo ery'oku nsonda? "Kola omulimu gw'okubuulia Enjiri," bwe Yagamba. Teyagamba nti oli mubuulizi wa Njiri ey'ebweru, naye kola omulimu ogwo; osanga okutuusa ekiseera lwe kinatuuka olw'ekintu ekirala, okukyuka kw'omulimu omulala. Kiyinza okuba ekintu eky'enjawulo. Simanyi.

349 Omwagala? Beera ddala mukakafu kwekyo. Beera ddala mukakafu ku kyo. Abo abaagala Mukama…

Abo abalindirira Mukama,
Bajja okuzibwaamu amaanyi;
Balituumbiira n'ebiwaawaatiro ng'empungu,
Banadduka nga tebakoowa,
… batambule nga tebaggwaamu maanyi,

okusinziira nga bwe mmanyi. Ntaddemu emmere yonna, nga bwe mmanyi, ku lwabwe, Mukama. Kyonna kyekiri, Mukama, tuli Babo. Twewaayo mu mikono Gyo, Mukama. Tusaasire; tusonyiwe; era leka tubeere bajulirwa Bo nga tukyali ku nsi. Oluvannyuma, obulamu nga buwedde, Tusembeze mu Bwakabaka Bwo. Tukisaba mu Linnya Lya Yesu. Amiina.

337 Buli omu ku mmwe, tukuza omutima gwo gwonna. Yambula buli ekizitowa. Kiggye mu kkubo lyo. Toleka kintu kyonna kukutawanya. Totya. Tewaliwo kikutiisa. Oba nga Yesu ajja, kiba ki—kye kiseera ensi yonna ky'ebadde esindira era ky'ebadde ekaabirira. Bwe kiba nga kye kintu ekijja kati, olw'e—ekipya ekijja—okujja kwe kirabo ekipya oba ekintu kyonna, kijja kuba kyakitalo. Obanga ekiseera kijja okubikkulirwa kw'ebibwatuka omusanvu okubikkulwa eri ekkanisa, engeri ey'okugendamu, simanyi. Njogedde bwogezi kye nnalabye.

338 Oh, abange, ekiseera eky'ekitalo. Kwe kulowooza ennyo era okutukuvu. Era bwe kiba nga kye kiseera kyange okugenda, ndi Wuuwo, Mukama—ndi Wuuwo. Nga Omaliriza, jjangu, Mukama Yesu. Wonna wekinaabeera, oba kiseera ki, ndi Wuuwe. Sigamba nti negomba okugenda; ssegomba. Nnina amaka ag'okulabirira; nnina Enjiri ey'okubuulira, naye ekyo kiri okusinzira ku kwagala Kwe, si okwange. Okwo okwagala Kwe. Simanyi. Mbagamba bugambye nti singa. Kiki, Katonda anaakituukiriza. Naye mbabuulira kye nnalaba era ekyabaawo. Kyekyategeeza, simanyi; naye, bassebo, eno eyinza okuba nga ye nkomerero?

339 Abantu weebali kati, abantu omukaaga abafuna ebirooto ebyo. Tekyewuunyisa tabaali musanvu? Tekyewuunyisa nnyo omukaaga bye byasooka, oluvannyuma okwolesebwa okwo n'ekuddirira.

340 Abantu weebali wano. Ow'oluganda Jackson wano y'omu kw'abwo; Ow'oluganda Parnell yali omulala; Mwannyinaffe Collins naba omulala; Mwanyinaffe Steffy naba omulala; Ow'oluganda Roberson naba omulala, n'Ow'oluganda Beeler yali omulala. Era Kitaffe ow'omu ggulu amanyi tewaliwo kirooto kirala kyaddako. Ku nkomerero ye ky'omusanvu, nga kye kya Mwannyinaffe Steffy, mangu ddala, okwolesebwa kwajja.

341 Olaba? Olaba lwaki nngenda? Olaba lwaki nteekwa okugenda? Kingwanira okukikola. Ab'emikwano, temutunuulira nze. Ndi muganda wammwe. Temufaayo ku nze, kubanga ndi muntu afa. Nteekwa okufa nga omuntu omulala yenna. Temumpuliriza, naye muwulirize kye ngambye. Kye ngambye bwe bubaka. Temufa ku mubaka; mutunuulire bubaka. Mutunuulire si omubaka, naye obubaka, kye bwagamba. Ekyo kye kintu eky'okutunuulira; era Katonda atusaasire kwe kusaba kwange.

342 Kati, nkyawa—Sayagadde kujja ne mbagamba bino, naye sisobola kubakweka kintu kyonna. Kati, okusinziraa nga bwe mmanyi… Ka mbabuulire, nja kuba nngenda mu nnaku bbiri oba ssatu eziddirira, ku Lwokusatu kumakya, okugenda --- okugenda e Tucson. Sigenda Tucson kubuulira. Nngenda Tucson kutereeza ba nnyumba yange mu somero, awo nfuuke omutambuze. Nngenda mu Phoenix okuba n'enkunngaana ezo entonotono, ekijja okuba ndowooza obubaka butonotono okwetooloola; era – era awo oluvannyuma… osanga… sima… ndowooza baagala mbuulire mu lukunngaana olwawamu olunaku lumu. Tebalina kyebakyogerako; bagamba bugambi nja kubeerayo. Olaba, ekyo tekiwulikika bulungi gye ndi. Nnina ekigambo, BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA n'eri Ow'oluganda Shakarian. Simanyi kyagenda kukikolako, naye nnina ekigambo

"emizimu egyo nga gyetooloodde wonna." Yagamba, "Nja kutya kumpi okufa."

18 Ow'oluganda Pat, mazima omukazi bwali… Omukadde bambi. Bameka abamanyi Mwannyinaffe Kidd? Abeera wano –omutukuvu - bwali.

19 Era bwe … kirowozeeko, emyaka nga sinazaalibwa(kati ndi musajja mukadde), yali eyo waggulu mu nsozi, ye n'Ow'oluganda Kidd. Nga ayoza olunaku lwonna afune sente kkumi na taano oba abiri ez'okwooza kwe amusindike awantu ekiro ekyo abuulire. Mu birombe ebyo eby'amayinja mu Kentucky, we wali – omuntu nga ateekwa okukuumwa n'emmundu okutuuka ku lusozi w'oyagala okubuulira. Oh, abange. Olwo n'endowooza:

… Nze ngenda ntya mu bire eyo
Nga sifubye na nnyo
Ate bannange baafuba
Mu kuyiwa omusaayi?
Mazima nteekwa okufuba,
Mukama mpa amaanyi

Kye … Era njagala obuyambi Bwe obw'Ekigambo Kye. Ekyo kye njagala leero.

20 Kati, nsuubira ebyuma ebikwata entambi kwe biri. Era, oh, yee, nafuna … munsonyiwe. Mwannyinaffe yabadde n'omwana wano ku makya ga leero gweyayagadde okuwaayo. Era nnamugambye mazima tujja kukikola leero. Era kati—enkya tujja kuba n'okuwaayo abaana, olukunngaana lw'okuwonnyezebwa, buli kintu kyonna kye tusobola okukola. Tulina obudde bungi … Kale mwannyinaffe bwaba nga waali wamu n'omwana we …

21 Era nnabadde nteekwa okuba ne… abantu abamu bava wala, era nnabadde wano kumakya ga leero olw'okwogereganyamu, era … olw'ekintu ekimu. Era baabadde bakusisinkanira omwo ku makya ga leero, era Billy yabadde ateekwa okubaleetera okulindirira paka leero. Naye tabalabiseeko yadde awantu wona (olaba), leero. Bw'oba nga w'oli, mwannyinaffe, mbadde eyo akaseera nga nnindirira, ndabe oba nga omukyala anamuzuula. Babadde babiri, ndowooza, okuva eyo ewala olw'okwogeregannyamu. Kale twe—twesiga nga nti singa mbasubwa, nja kusobola okufuna mangu nnyo ddala nga bwe nsobola, osanga enkya ekiro nga nzija.

22 Kati, nzikiriza … ono ye mukazi aja n'omwana omuto ne—sweeta eya bbulu? Esweeta, Meda, sitegeeza ekyo, omwagalwa, kyonna- kye kiri. Kifanaana nga akagoye—bwekityo. Sweeta … Bameka abamanyi e—esweeta kye ki? Lwaki, mazima. Jaketi enkadde okusinzira ku nze, kale … Lwaki, ye mwana wa Dallas. Abange, ekyo kirungi. Ow'oluganda jangu wano. Nsonyiwako.

23 Kale, kale, njagala akagoye ako kotadeko …?... Erinnya lyako ke kaani? Rebekah Lyne … L-y-n-e. Ate erinnya lyo erisimbayo? Sayban. Rebekah Lyne Sayban. Ekyo kituufu? Nsobola okumukwata? Era ki…?... oyagala okukisubwa ekyo? Ekyo si kirungi? Rebekah Lyne Sayban. Amaka gano gayise mu bingi. Omuwala ono omuto ne bba we emabegako awo baali bakalokoka ne baleteebwa mu kutegeera Mukama. Era kati, mukussa ekimu kwabwe Katonda abawadde omwana omulungi Rebekah, era bamuleeta eri Mukama.

24 Kati, abantu bangi, bayita abaana – abaana abato okubatizibwa mu kkanisa ya

Mesodisiti, era ne ndala nyingi, era babamansira n'amazzi nga baana bato. Kati, ekyo tekirina buzibu okusinzira ku nze. Naye bulijjo ffe tugezaako okwogera ekyo Bayibuli kyegamba okukola. Mu Bayibuli temulimu – temulimu kintu nga ekyo eky'okubatiza omwana omuto. Tewaliiwo wonna mu byafaayo okutuusa ekkanisa Enkatuliki eyasooka, okusinzira nga bwe—nga bwe tumanyi, eyakikola okusinzira ku Njiri …?... (Omwana akaaba—Omuwa.) Kale ekyo ye ngeri y'okumala gakyogeramu. Olaba, oteekwa okuba n'okuvvuunula. Kale … Naye mu Bayibuli, baaleeta abaana abato eri Yesu abaawe omukisa. Era n'abassaako emikono n'abawa omukisa. Era ekyo kye tukyagenda nakyo mu maaso.

25 Kati, ka tukoteke ku mitwe gyaffe. Kitaffe ow'omu Ggulu omukazi ono omuto n'omusajja ono omuto bajja leero ne Rebekah ono omuto abawereddwa okumufaako okumukuza mu kutya Katonda, era bamuleeta leero olw'okumuwaayo eri Mukama.

26 Maama bwamumpadde okuva mu mikono gye eri egyange, kati muwaayo okuva mu gyange Gy'oli Rebekah ono. Katonda, beera naye era omuwe omukisa. Wa omukisa taata we ne maama we. Leka bonna babeere n'obulamu obwesigwa bawangaale. Era bwekiba nga kisoboka okulaba okujja kwa Mukama Yesu, leka omwana ono akule mu kutegeera Mukama. Era leka a—bwe wabaawo enkya, leka abeere omujulirwa Wo ow'ekitalo. Kikkirize, Mukama.

27 Kati, singa Obadde wano ku nsi, abakazi bano n'abasajja bano bandileese abaana baabwe Gy'oli. Naye ffe, abaweereza b'Enjiri, ffe bakiise Bo. N'olwekyo tukuwa omwana ono olw'obulamu obw'okuweereza mu Bwakabaka Bwo, Mu Linnya ly'Omwana Wo, Mukama Yesu Kristo. Amiina.

28 Akuwe omukisa, Rebekah. Omwana omuto omulungi. Katonda abawe omukisa mwembi era n'omwana abeere n'obulamu obuwangaazi obwesanyu mu kuweereza Katonda.

29 Simanyi oba nga ndi mugumu ekimala oba nedda. Kye ekyo mulenzi. Erinnya lye y'ani? Daniel … Stanley Victor Cleveland. Stanley omuto. Erinnya eddungi, era omulenzi omuto omulungi. Kale, nteebereza nnina …?... ndowooza kisingako n…?... Mulina omulenzi omulungi …?... Oh, ali bulungi. Tetukikola kino bulijjo, mumanyi. Tewaliwo nkola nteekeeteeke ku kyo. Mazima mwana mulungi. Ne –Nnerabidde erinnya erisembayo. Sirowooza nga ndyatula bulungi: Cleveland. Kirungi.

30 Ka tukoteke ku mitwe gyaffe kati. Kitaffe ow'omu Ggulu, abafumbo banno baleeta omwana ono, omuto Stanley Cleveland, okuwongebwaayo eri Mukama Yesu. Era nga omusumba wano ow'ekkanisa nnyimirira wamu mu bumu obw'emirimu gya Mukama, tukuwa omwana ono olw'obulamu obw'okuweereza. Wabamuwa nnyina ne kitaawe, era kaakano bamuwa mu mikono gyange, era nange mmuteeka mu mikono Gyo okuva mu gyange.

31 Katonda, wa omukisa taata we ne maama we. Wa omukisa omulenzi omuto; leka bonna babeere n'obulamu obulungi obwesanyu obuwangaazi obw'okuweereza. Leka omwana akuzibwe mu kutya Katonda, okumuweereza, okumutya. N'okumwagala ennaku zonna ez'obulamu bwe. Kaakati, bakuleetera abaana obawe omukisa, era ne mikono gyaffe ku mwana, tumuwa omukisa mu Linnya lya Mukama, era leka abeere n'obulamu obw'obuwangaazi obwesanyu obulungi era obw'amaanyi obw'okukuweereza, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

simanyi; mbuulira bubuulirizi kkanisa. Bwe kiba nga kye kyo, Mukama, teekateeka emitima gyaffe. Tuteeketeeke, Mukama, olw'ekiseera ekyo eky'ekitalo mu byafaayo by'ebiseera byonna, bannabbi bonna n'abagezigezi baalindirira ekiseera ekyo. Mukama, simanyi kiki kyakwogera. Nnalibadde ntya okugamba, "Tojja Mukama." Mpulira nkwatibwa ensonyi bwentunula era ne ndaba ensi mu mbeera gyerimu; Sirina kyamanyi kye nkozzeewo okusiinzira ku kyenalinkozzeko; nkwatibwa ensonyi. bwewabaawo olw'enkya, Mukama, ffuka amafuta ku mutima gwange; nfukaako amafuka okusingawo, Kitange, nti nsobole okukola kyonna nsobole okuleeta abalala G'yoli. Ndi Wuwo.

329 Mpulira nga Isaaya mu yeekalu ku lunaku olwo bwe yalaba Bamalayika nga babuuka eno n'eri, n'ebiwaawaatiro nga babisse ku maaso gabwe ne kubigere byabwe, era babuuka n'ebiwaawaatiro, "Mutukuvu, Mutukuvu, Mutukuvu." Oh, nga nnabbi oyo omuto yanyeenyezebwa. Yatanula okukula mpolampola; era bwe yalaba ekyo, yadde nga yali alabye ku kwolesebwa yayogerera waggulu, "Zinsanze!"

330 Kitange, osanga nnawulira bwe ntyo, bwe nnalaba Bamalayika abo ekiro kya luli – oba ku makya ago, manyanga. "Zinsanze, kubanga ndi muntu wa mimwa egatali mirongoofu, era ntuula mu bantu abatali balongoofu."

331 Era, Kitange, nnongoosa; era nzuuno, ntuma, Mukama, kyonna kye kiri… nnyimira ku kituuti kino wembadde okumala emyaka assatu. Bwe wabaawo ekintu, Mukama, kyoyagala nkole, nzuuno. Ndi mweteefuteefu, Mukama. Naye kansange ekisa mu maaso Go, mubwetowaze, nsaba.

332 Nsabira ekisibo ekitono, Omwoyo Omutukuvu kye yanfuula okubeera omulabirizi wakyo, okubaliisa. Era nkozze buli kimu nga bwe mmanyi engeri y'okukikolamu, Mukama, okubaliisa ku Mmere ey'Obulamu. Nga mukwolesebwa okwo, emyaka mingi nnyo emabega, olutimbe olwo olunene bwe lwateekebwawo ebugwanjuba, n'olusozi olw'Emmere ey'Obulamu… Akatabo akatono, "Saalema Kugondera Okwolesebwa Okw'omu Ggulu." Kiikino wano kyonna kituukiridde, kibikkuddwa butererevu mu maaso gaffe.

333 Oli Katonda, era tewali mulala wabula Ggwe. Tukkirize Mukama; Tusonyiwe ebibi byaffe. Neenenya olw'obutakiriza bwange bwonna, olw'okusobya kwange kwonna. Negayirira ku kyoto kya Katonda.

334 Nga bwe nzijja leero n'ekkanisa eno entono mu maaso gange. Olw'okukkiriza tuva mu kizimbe kino okugenda mu kukwakkulibwa, nga tutuula mu bifo eby'omu ggulu okwetooloola nnamulondo ya Katonda. Emitima gyaffe girabuddwa emirundi mingi mu bintu bye tulabye ng'Okola era n'oyanjuluza ebyama Byo gye tuli. Naye, Mukama, leero nzenna nkooye. Zinsanze. Era nga Yakobo, bweyalaba Bamalayika abo nga balinya bwebaaka ku madaala, yagamba, "Kino ekifo kya ntiisa, si kirala wabula ennyumba ya Katonda." Awo Beseri ne kiteekebwawo.

335 Katonda , abantu ekyo tebakitegeera… Balowooza kubeera kusanyuka kungi, naye Mukama, nga kintu ekyereriikiriza, nga kintu kya ntiisa, omuntu okujja mu Kubeerawo kw'Ekintu ekinene eky'ekitalo eky'eggulu.

336 Nsabira ekkanisa yange eno wano entonotono okusonyibwa, gyewantumira oku---oku—okukulembeera era n'okulunngamya. Bawe omukisa, Mukama. Nakoze okusinzira nga okwolesebwa n'ebirooto era n'ebirala kye bigambye

Kijja kuba okubwatuka nga okwo okuliba – okujja okukola ebintu ebyamaanyi okutuusa lwe kinateeka ekkanisa, ebadde eseerera, era nga tesobola kumanya byama bya Katonda, n'ebirala; bwe banalaba okubwatuka okwo okw'amaaanyi, kinakyusa emitima gyabwe okudda eri bakitaabwe nga Bayibuli bwegamba bwe kijja okukola? Oba buno bwe bwali obubaka obwayita edda, obwalikikozze? Simanyi. Kino ke kabonero k'enkomerero, bassebo. Oba kano ke kabonero akaggwa edda? Kirabika nga kya Byawandiikibwa nnyo gye ndi. Simanyi.

321 Bamalayika abo bali awo. Waliwo okubwatuka ng'ekibwatuka ekyanyeenya ensi yonna. Katonda amanyi njogera mazima. Jjukira, waliwo ekintu ekiteekateeka okubaawo. Simanyi kiki. Naye kiyinzika okuba kino? Nsonga lwaki njogera kino: mweteeketeeke.

322 Ka tusabe. Tusabe tutya? Tutwale ebifo byaffe mu ggye ery'abakkiriza Be era tweteeketeeke, kubanga kiyinzika okuba nga buyise okusinga bwetulowooza. Nze mumanyi, sibabuulirangako bulimba, nga bwe mmanyi. Nga Samwiri bwe yagamba, "Nnali mbabuuliddeko ekintu kyonna mu Linnya lya Mukama, wabula ebyo ebyatuukirira?" Kati, nkibabuulira kati. Simanyi ki kyekiri. Sisobola kumanya ki kyekiri. Simanyi. Naye nngenda kubabuulira mazima; ntidde. Nga muganda wammwe, mbadde mukutya okuva ku Lw'omukaaga olwayita.

323 Kiyinza okuba kye kiseera eky'enkomerero. Kiyinza okuba kye kiseera ekya musoke okwetimba ku ggulu, n'okulangirira okuva mu ggulu nga kugamba, "Ekiseera tewakyali nate." Bwe kiba nga bwekiri, katweteeketeeke, ab'emikwano, okusisinkana Katonda waffe.

324 Waliwo emmere nnyingi eterekeddwa kati; katugikozese. Katugikozese kati. Era nze okuva ku kituuti kino, nkabirira Katonda, "Mukama Yesu, beera wa kisa gye ndi."

325 Ngezezaako okweyisa obulungi okusinga nga bwe mmanyi. Ngezezaako okuleeta obubaka, mu ngeri esinga nga bwe nsobola, okuva mu Kigambo kya Katonda. Katonda amanyi omutima gwange. Naye ekibinja kya bamalayika abo bwe kyajja, nnasanyalala. Nnali sisobola nakwewulira okumala ekiseera kiwanvu. Nawulira nga wayiseewo ekiseera oluvannyuma nga ngezaako okutambula mu kisenge, n'ekizzi yange, wonna wonna mu nsingo yange, waali wasanyalalidde ddala, nga ndi nga atakyalina kwewulira. Nnali sisobola nakuwulira mikono gyange. Nnali muyongobevu olunaku lwonna. Nna—Nnagenda bugeezi mu kisenge ne ntuula.

326 Ku Ssande najja wano okwogera, Ne—Nagezaako okukyeggyako nga njogera. Ku Mmande ne kikomawo nate. Era kiri wano kati. Era Simanyi; Simanyi, bassebo. Ndi mwesigwa bwesigwa gye muli nga baganda bange. Simanyi.

327 Kye—kye kiseera? Obuweere—ekyama kyonna kituukiridde? Okufuuwa kwonna kuwedde? Ebyo ddala bye bibwatuka omusanvu nga biteekateeka okubaako kye byogera eri akabinja ako akatono Kakunngaanyiza awamu kajja kufuna okukkiriza okw'okukwakkulibwa okugenda mu kukwakkulibwa ng'Azze; kubanga tugenda kufuusibwa mangu ago nga Bamalayika abo bwe bajja: mu kaseera katono, nga kutemya kikoowe, ne tulyoka tutwalibwa wamu n'abo abeebaka okusisinkana Mukama mu bbanga.

328 Okusaba kwange kuli nti: Katonda kino bwe kiba nga kye kyo, Mukama

Katonda akuwe omukisa Stanley omuto. Mulina omulenzi omulungi.

32 Kati, nngenda kusaba ekisa eri –ku lw'ekibiina ekitono n'abavubuka. Mmanyi nti kizibu. Temusobola kuyimirira kiwanvu nnyo, kubanga amagulu gammwe gakoowa; naye waliwo ekintu kye ngendako leero kye situukangako mu kusooka. Era waliwo ekintu kye nngenda okwogerako, kye sirowozanganako kwogerako .

33 Eyo ye nsonga, ku makya ga leero, ssayagadde kuteekawo kiseera ekyo nga Obubaka tebunnaba, era ssamaliriiza kwogera ku Ekyenkomeredde kyange, era sirowooza nti ndiikola. Kansuubire sirikikola. Mulungi nnyo.

34 Naye leero ngenda kwogera ku kintu kye simanyi. Era kati, ekyo kintu kikulu omuweereza okukyogera: nti agenda kwogera ku kintu kyatamanyi. Naye nneewaayo, okusingira ddala nga bwe mmanyi, eri—ekkanisa eno esobole okutegeera. Era siyinza, mu ngeri yonna, kubakweka kintu kyona ekiyinza okubayamba.

35 Era kati olutambi luno … (ndowooza abalenzi bakwata olutambi.) era singa ofuna olutambi, buli awuliriza olutambi, jjukira, ekintu bwekiba nga kikutabula, tokyogera okuggyako nga kiri ku lutambi. Toyogera kintu kyonna kikontana n'ekyo ekiri ku lutambi.

36 Bangi bampandiikira ku *Zadde Ly'Omusota* ne bagamba nti nayogera kino-na- kiri. Nngenda ne nfuna olutambi, ne nduzannya nate. Nga sakyogera bw'entyo. Olaba, abantu balaba bubi ebintu.

37 Omanyi, Yesu, lumu oluvannyuma lw'okuzuukira, yali atambula kulubalama n'abatume, ne Yokaana yali agalamidde mu kifuba Kye, ne bagamba, "N'ono aliba ki?''

38 Yesu n'agamba, "Bwe njagala abeerewo okutuusa we ndijjira, ofaayo ki?'' Awo ekigambo ekyo ne kibuna nti Yokaana yali agenda kuba mulamu okutuusa Yesu walijjira. Era Ebyawandiikibwa bigamba, "Teyamugamba nti talifa'' Olaba, Te—Takyogerangako ekyo. Yagamba, "Bwe njagala abeerewo okutuusa we ndijjira?'' Teyagambako nti talifa, naye okukitegeera obubi, kyangu nnyo.

39 Era kati, tekiri—tekiri nti waliwo gwensalira omusango olw'okukola ekyo, kubanga nange nkikokola. Era abantu bonna bakikola. Obanga abatume abaatambula ne Mukama waffe baamutegeera bubi, era tebamutegeerera ddala bulungi … Kale oluvannyuma baagamba, "Laba, kaakano tutegeera. Kaakano, tukkiriza, era tuli bakakafu nti tewetaaga muntu yenna kukuyigiriza kintu kyonna kubanga Ggwe omanyi byonna."

40 Yesu n'agamba, "Kaakano mukkiriza?" Olaba, oluvannyuma lw'ebbanga eryo lyonna kati ddala … Oluvannyuma kimazze ne kijja gy'oli (Olaba?), nti kati okkiriza?''

41 Era ekyo kya buntu, era ffenna tuli bantu. Kale tugenda kukiteegera bubi, naye bwe kiba nga kikutawannyamuko katono, ddamu ozannye olutambi nate. Olwo wuliriza nnyo. Kati, ndi mukakafu Omwoyo Omutukuvu ajja kukikubikkulira.

42 Kati abavubuka, singa mukwatirirako 'amiina' zammwe, abaana. Mulindiriremuko katono, kubanga nja--Njagala kino kitegeerebwe ddala, kubanga bangi tebajja kuba na lutambi. Kale njagala mukakase nga ddala mukitegeera, era

leka tukibeereko okumala, nnyinza okugamba eddakiika assatu mu ttaano, oba ana, mu bwewombeefu ddala nga bwe tusobola okukikolamu, kubanga kino kiseera kya muwendo nnyo gye ndi.

43 Kye kyo nga waliwo ekintu ekibaddewo nga simanyi na kiki kyakukola. Nnyimiridde nga nsobeddwa nnyo okusinga bwe nnali bwe nsobeddwa, mu nnaku z'obuweereza bwange, okusinzira nga bwe mmanyi. Kale ka tukoteke ku mitwe gyaffe kati nga tetunnaba kusemberera Kigambo.

44 Kitaffe ow'omu Ggulu, gyebuvuddeko, nnabuulira ku ssomo ly'okwetulinkiriza. "Okwetulinkiriza" kwe kweeyunula awatali lukusa." Osanga leero, Mukama, nnetaddeko okuvvuunula ekintu eri abantu awatali kubeera nakwolesebwa kwakyo. N'olwekyo, Mukama, nkebera awatekeddwa akukeberebwa. Ziba akamwa kange, Mukama. Waziba akamwa k'empologoma ayali mu bunnya ne Danyeri, ereme okumukolako obulabe. Mukama, nsaba nti singa ngezaako okuvvuunula ekintu kyonna mu bukyamu, Okyalina amaanyi okuziba omumwa. Naye bwe kiba nga ge Mazima, olwo, Mukama, kiwe omukisa, era okisindike. Era omanyi embeera n'ekiri okumpi ddala okubaawo. Era eyo ye songa lwaki nzijja, ne mu kiseera kino ddala ekisembayo, ku kituuti okugezaako okuvvuunula ebintu bino. Era nkusaba Otuyambe.

45 Wa ekkanisa eno omukisa. Ekibinja kino abajja wansi wakasolya, abatuula awamu naffe wano mu kibuga, nga bava mu masaza mangi … Oh, nga ebisikirize bya kawungeezi bigwa, tuli basanyufu nnyo okubeera n'ekifo we tusobola okujja. Nga nsi etabuddwa nnyo era nga tebamanyi wa we bayimiridde, tuli basanyufu nnyo nti Erinnya lya Mukama kye Kiggo eky'amaanyi, abatukuvu baddukira omwo, ne bawona. Si bigambo bingi nnyo naye okubikkulirwa.

46 Kale tusaba Kitaffe, nga omusana gwakawungeezi bwe gujja nga enjuba egwa, era tukkiriza nga kye kiseera kye tulimu: mu kuggwa kw'enjuba. Era mazima tukweebaza, Mukama, okuva mu mitima gyaffe gyonna, olw'ebintu Ggwe by'otukoledde. Era, Mukama, okuyita mu mulembe nkweebaza olw'okuleetera okwolesebwa kwonna kw'owadde okutuukirira, kwonna ddala, era n'okuvvuunula kw'ebirooto kubadde ddala bwe kutyo. N'olw'ekyo tumanyi nti Gwe wekka, Mukama, kuba ffe tuli bantu, ffenna abaazaalibwa mu kibi, era tewaliwo kya muwendo mu ffe. Naye okulowooza nti otwaale ekintu nga ekyo omuntu era abanaaze n'amazzi nga kye Kigambo n'omusaayi gwa Kristo era n'okugolola omukono ogwo mu ngeri nti n'okutuusa nga omuntu takyakozesa ndowooza ye, naye nga aleka ndowooza ya Kristo Oyo amanyi byonna, Ogireka n'ejja n'eyogera, n'ekozesa yeekaalu. Weebale, Kitange.

47 Kaakano, tuwa omukisa Erinnya Lyo. Era tuwa omukisa akabinja kano akatono mu Linnya Lyo. Tuwa omukisa omusumba, Ow'oluganda Neville, omuweereza wa Katonda omumalirivu. Tuwa omukisa abadinkoni n'abawanika, na buli omu ali mu mubiri gwa Kristo abo abali wano n'okwetooloola wonna mu nsi mu Linnya lya Mukama Yesu.

48 Oh, nga tulaba ekizikiza kino, ekiddeedde, ekisikirize eky'entiisa nga kigwa ku maaso g'Obukristaayo, tumanyi obudde busembera. Wajja kubaawo Okukwakkulibwa era Ekkanisa ejja kutwalibwa. Mukama, leka tweyongere mu maaso, nga tutunuulira omutandisi era omumaliriza, Kristo. Kikkirize, Mukama. Era nga bwe tugenda mu maaso kati mu Linnya lya Mukama Yesu okutwala ebintu bino ebitereddwa ku mitima gyaffe, tusaba nti obeere naffe era otuyambe,

Mmanyi nti King James egamba "egisinga obunene," naye tosobola kukola kyonna kisinga bunene, naye mingi okusingako.

Yali mu Muntu omu luli; Ali mu kkanisa yonna kati. Olaba? "Mulikola egisinga gino obungi, kubanga nngenda eri Kitange."

Obanga kuno kwe kusika okw'okusatu, olwo waliwo obuweereza obw'ekitalo obuli mu maaso. Simanyi. Sikimanyi. Nze—nze simanyi.

315 Tunula. Okusika okw'okusatu. Katukomeko kw'ekyo eddakiika. Mu kwolesebwa obunnyonyi obwasooka okubuuka bwali ababaka obunnyonyi obutono; awo wetwatandikira. Kyakula okuva mu kukwata obukwasi ku mukono. Era mujjukira kye yangamba: "Bw'on'oba omwesimbu, kijja kutuukirira nti ojja kumanya ebyama by'emitima gyabwe." Bameka abajjukira ekyo nga kirangirirwa wano era n'okwetooloola amawanga? Era kyabaawo? Ddala. Awo n'agamba, "Totya, Nja kubeera naawe." Olaba? Era kijja kugenda mu maaso.

316 Kati, okusika okwasooka bwali bunnyonyi butono, okubuuka okwo. Bwagenda okusisinkana ebiseera, okusisinkana okujja kwa Mukama, obubaka obwasooka. Omulundi ogw'okubiri, ebyama by'omu mutima, okuva ku kukwata omuntu ku mukono, kukuyimirira obuyimirizi awo n'oyogera bye balina. Omulundi ogwaddako kyabikkula ebibi byabwe era n'ekibabuulira kiki eky'okukola… Ekyo kituufu? Ekyo kyatuukira ddala nga Katonda bwe yagamba, era muli bajulirwa era bwe kityo n'ensi, n'ekkanisa bwetyo.

317 Bwe nagamba, "Nnalaba malayika, era gwali Omuliro ogwakiragala ogwaka, "abantu baseka ne bagamba, "Billy, owuunze." Eriiso lya ssaayansi erya kamera lyakuba ekifaananyi kyagwo. Nnali sirimba. Nnali njogera mazima. Katonda yakikakasa. Ne nngamba, "Okubikkibwako kwekizikiza; kufa, kidugavu; naye kino kyeru. Ekimu bulamu, ate ekirala kufa." Kiikyo awo mukifaananyi emabega. Ekyo… Nga George J. Lacy bwe yagamba: " Eriiso eryo erya kamera terisobola kukuba birowoozo kifaananyi." Mungoberera?

318 Wetegereze, obunnyonyi obwasooka obutono: omukono. Eky'okubiri kyali kisingako, nga kyeru okusingawo, amayiba: Omwoyo Omutukuvu ng'abikkula ebyama by'omu mutima. Era okubuuka okwaddako baali bamalayika, si binnyonyi, bamalayika. Era ekyo kye kiseera eky'enkomerero. Ekyo bye byonna. Kino kiyinza okuba nga kye kiseera, ab'oluganda? Kino kye kiseera?

Kati, wuliriza nnyo era kino tokivvuunula obubi. Njagala okubaako ekintu kyembabuuza.

319 Ka tuddeyo emabega, eddakiika emu yokka. Ekkanisa emmanyi ge mazima. Ensi ya ssayaansi emmanyi ge mazima. Era abantu abatudde wano leero, era bangi abakyali abalamu, abaali bayimiridde ku mugga Eddoboozi eryo bweryakyogera ekyo nerigamba, "Nga Yokaana bwe yatumibwa n'obubaka obw'okujja okwasooka, bwe kityo n'obubaka buno obw'okubiri obw'okujja okw'okubiri." Mujjukira? Era bwe kiba nga kituukiridde, Yokaana yakola ki? Yokaana ye wuuyo eyagamba, "Laba, akaliga ka Katonda akaggyawo ebibi by'ensi. Yo yo."

320 Ye ssaawa, etuuse, baganda bange. Sigamba nti etuuse. Simanyi, naye mbabuuza. Njagala mmwe mulowooze. Oba kino kiyinza okuba kye kiseera lwe kinaabaawo nate, "Laba, Omwana gw'endiga gwa Katonda," oba ekiseera kya Malaki 4, okukyusa emitima gy'abaana okudda eri okukkiriza kwa bajjajjaffe.

abatya Katonda, Katonda nabo b'asobola okuwa ekirooto. Ndi musanyufu okwanjula eri abasajja bano n'abakazi bano abagenda eri ekkanisa ya Junior, era n'eri ekkanisa eno, ey'Ow'oluganda Neville n'enddala, nti waliwo abantu abatudde mu kibiina kino, era Bayibuli yagamba, "Bajja kulooto ebirooto mu nnaku ez'oluvannyuma." Era kikino wano, era kitunuulire. Kikwataganira ddala n'Ekigambo.

308 Nga sirina kyenkimanyiko, okubwatuka kwajja era bamalayika musanvu ne bajja okuva mu butaggwaawo. Ne nngamba, "Mukama, Oyagala nkole ki?" Tekyambuulirwa. Nteekwa okusooka okugenda okukizuula. Simanyi. Kiyinza n'obutaba ekyo; Simanyi. Nkyogera bwogezi, "Naye singa kiba kye kyo?" Bwe kiba mu Byawandiikibwa, ekyo kiwulikikiraddala kumpi nga ekyo. Olowooza si bwekiri?

309 Laba, kati tunula, Ejjinja ery'oku ntikko teryavvuunulwa. Olaba? "Genda ebugwanjuba omale okomewo." Oba kye kino? Bamalayika bano omusanvu ab'ajja gye ndi mu kibinja…Bwendi kusisinkana ku lunaku olw'okuzuukira, oliraba nga sirimba: Katonda nga ye Mulamuzi wange.

310 Oba nga kino kwe kutuukira okwo okw'okubiri kwenayogerako ku lunaku luli. Waliwo ekintu ekijja eri ekkanisa? Simanyi. Nandisigaddeko kw'ekyo katono, naye nja kugenda mu maaso.

311 Kiyinza okuba ekyo? Okubwatuka okw'amaanyi, oba malayika ow'omusanvu mu kibinja kya bamalayika omusanvu, mukulabika kw'ow'omusanvu mu kibinja, ekifaananyi kya piramidi kyekola, basatu ku buli ludda, omu waggulu, era baava mu butaggwaawo. Kiyinzika okuba? Kino kye kyama kye bibwatuka omusanvu ebinakomyawo Ejinja ery'oku mutwe.?

312 Era mumanyi, pyramidi tesanikirwangako kya ku ntikko. Ejinja ekkulu ery'okumutwe terijjanga. Ligaaniddwa. Kiyinzika okuba, ab'oluganda, bannyinazze. Oba kuno kwe kusika okw'okusatu kweyangamba emyaka esatu oba ena emabega. Okusika okusooka, mujjukira ekyabaawo? Nagezaako okukunnyonnyola. Yagamba, "Tokikola ekyo." Okusika okw'okubiri, Yagamba, "Togezaako…" Era nnasika mu ngeri yonna. Mujjukira? Mwenna mujjukira: kiri ku lutambi ne byonna. Era awo N'angamba, "Kati, waliwo okusika okwokusatu okujja, naye togezaako kukinnyonnyola." Olaba engeri gye nkikutemu leero? Simanyi. Naye mpulira nga kinkakatako eri ekkanisa yange okubaako kye njogera. Gwe kola okusalawo okwo.

313 Kati, kino kye kyama ekijja okubembulwa, ekijja okuleeta Kristo, okuleeta amaanyi eri ekkanisa? Olaba, tumazze dda … Tukiriza mu kwenenya, okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Tukkiriza mu kufuna Omwoyo Omutukuvu. Tulina obubonero, eby'ewuunyisa, ebyamagero, okwogera mu nnimi, era n'ebintu ekkanisa eyasooka bye yalina. Era, mazima, waliwo bingi ebikoleddwa wano okusinga ebiwandiikiddwa mu Kitabo ky'Ebikolwa By'abatume, mu kabinja kano ak'abantu akatono, obuweereza bwaffe buno obutono wano. Ate mu nsi wonna?

314 Olaba? Okusinga ebiwandiikiddwa mu Kitabo ky'Ebikolwa By'abatume… Bye bimu: okuzuukiza abafu. Jjukira, waaliwo abantu nga basatu bokka abazuukizibwa Yesu Kristo, naye nga tulina ku likoddi, likoddi y'abasawo, bataano. "Emirimu gye nkola Nze, okusinga gino muligikola."

era ofune ekitiibwa okuva mu kyo, Mukama, kubanga twewaayo Gy'oli n'Ekigambo Kyo, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

49 Kati, bw'oba olina ekalaamu n'olupapula, N—Njagala obeeko by'owandiika wansi nga –oba ekintu kyonna kyoyagala; beera nayo nga weteeseteese. Era ne ku ntambi na kwo. Bwoyagala okuwandiika wansi Ebyawandiikibwa ekiseera kyonna, kuba nzikiriza Ebyawandiikibwa kye kikulu.

50 Kati, twagala okusoma ekitundu, oba Ebyawandiikibwa okuva mu Kitabo ky'Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo. Era nzikiriza nga kuno kwekubikkulirwa kwa Yesu Kristo nga bwekyawandiikibwa mu Kitabo. Era okubikkulirwa kwonna okukontana n'okubikkulirwa kuno kuba kukyamu. Nzikiriza ekyo kikwatagana n'Ebyawandiikibwa byonna awalala.

51 Okubikkulirwa kwonna okutakwatagana na kubikkulirwa kuno era ne kireeta okubikkulirwa kuno mu musana, kwekubikkulirwa okukyamu. Kuteekwa okuba okw'Ebyawandiikibwa.

52 Kati, mu ssuula ey'ekkumi ey'Ekitabo ky'Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo, njagala okusoma ennyiriri ntono ezisooka, ennyiriri musanvu ezisooka: 1 okutuuka ku 7. Wuliriza bulungi kati era onsabire.

53 Ne ndaba omulala ow'amaanyi… malayika omulala ow'amaanyi ng'akka okuva mu ggulu ng'ayambadde ekire; ne musoke ng'ali ku mutwe gwe n'amaaso ge ng'enjuba, n'ebigere bye ng'empagi ez'omuliro;

54 Era yalina mu mukono gwe akatabo akabikkuse: n'ateeka ekigere kye ekya ddyo ku nnyanja n'ekya kkono ku nsi;

55 N'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene ng'empologoma bw'ewuluguma: bwe yayogerera waggulu ebibwatuka omusanvu ne byogera amaloboozi gaabyo.

56 Ebibwatuka omusanvu bwe byayogera amaloboozi gaabyo, nnali nga nngenda okuwandiika: ne mpulira eddoboozi eriva mu ggulu, nga lyogera nti teeka akabonero ku ebyo ebibwatuka omusanvu bye byogedde, so tobiwandiika.

57 Malayika gwe nnalaba ngayimiridde ku nnyanja ne ku nsi n'ayimusa omukono gwe ogwa ddyo eri eggulu,

58 N'alayira oli aba omulamu emirembe n'emirembe, eyatonda eggulu n'ebirimu, n'ensi n'ebirimu, n'ennyanja… n'ebirimu, nti tewalibeera kiseera nate:

59 Naye mu nnaku z'eddoboozi lya malayika omusanvu, bw'aliba ng'agenda okufuuwa, ekyama kya Katonda ne kiryoka kituukirira, ng'enjiri bw'eri gye yabuulira abaddu be bannabbi.

60 Era eky'okuyigako kyange, singa nakiyita, leero kye kino: "Kano Ke Kabonero K'Enkomerero, Bassebo?''

61 Ffenna tumanyi nti tuli mu kiseera e—eky'ekitalo eri ekkanisa, naye ebiro eby'ekivve ennyo eri atakiriza. Era tuli mu biro eby'akabi ennyo ebya—ebyali bibaddewo okuva ku kutondebwa kw'ensi. Tewali nnabbi, omutume, tewali yadde mu kiseera kyonna, eyali abaddewoko mu kiseera nga kino kye tulimu kati. Eno ye nkomerero.

62 Kiwandiikiddwa mu bwengula. Kiwandiikiddwa wonna ku maaso g'ensi. Kiwandiikiddwa mu buli lupapula lw'amawulire. Eno ye nkomererero, bw'oba osobola okusoma obuwandiike. Bannabbi baaliwo mu kiseera obuwandiike bwe bwaali ku kisenge ku lw'eggwanga, naye ffe tuli nga obuwandiike buli ku kisenge ku lw'ebiseera. Amawanga gonna, ensi, buli kintu, obudde buli kumpi. Kale tuteekwa okunoonya Ebyawandiikibwa okuzuula essaawa gye tulimu.

63 Bulijjo, nnabbi omutuufu owa Katonda ajja kugenda mu Byawandiikibwa. N'olwekyo abeera mukakafu nti kigenda kubeera bw'ekityo. Mu Ndagaano Enkadde bannabbi bwe bwayogeranga ekintu kyonna, bulijjo walingawo nnabbi awantu awamu alina Ekigambo, eyasigala n'Ekigambo. Yatunuuliranga Katonda olw'okwolesebwa. Era singa okwolesebwa kwe kwakontana n'Ekigambo; olwo okwolesebwa kwe kwalinga kukyamu. Eyo ye ngeri ya Katonda ey'okutuusa Ekigambo Kye eri abantu Be.

64 Mu mpulira, emabega ddala? Kale.

65 Simanyi ddala wa wakutandikira. Kati, gubadde mukisa munene gye ndi okumanya nti Tabernacle eno ye yali ekkanisa yange eyasooka. Kintu kya kitiibwa. Era sigenda kwerabira, wadde nze—Yesu alwawo era ne mpangaala emyaka bikumi egy'obukulu. Ndijjukira olunaku olwo bw'enassaawo ejjinja ery'oku nsonda awo ku nsonda era n'okwolesebwa okwo kwe yampa ku makya ago okwa Tabernacle eno. Era mwenna mukijjukira. Kiwandiikiddwa mu bitabo. Era mazima ddala kutuukiriziddwa kwonna, tewali yadde akatundu ekiremereddwa.

66 Era kati, sikkiriza nti waliwo ekintu kyonna kye njogedde emyaka gino gyonna egy'obulamu bwange, kye njogedde eri abantu, wabula ekituukiridde. Era abantu bangi bazze n'ebirooto byanganyiza, olw'ekisa, okuvvuunulira abantu. Era bangi abazze n'ebirooto n'ebizibu bye saasobola kuvvuunula.

67 Naye sigezezzaako kubanjulira mmwe abantu omuntu alina eby'okuddamu byonna. Ngezezzaako okubeera omwesimbu era n'okubabuulira amazima, era nnali nsobola okubabuulira kyokka, nga bwe Yambuulira. Era nga bwe kyajja gye ndi, bwenakibabuulira.

68 Era njagala okubalabula. Mu lunaku luno lwe tulimu, waliwo bangi … So—soogera kintu kyonna kibi ku bantu, naye bw'olaba omuntu ng'alina eky'okuddamu eri buli kintu, ekyo kikontana n'Ekigambo.

69 Yesu yagamba, "Waliwo abagenge bangi mu nnaku za Eriya, naye omu yekka ye yawonyezibwa." Mu myaka mingi, kinaana oba okusoba Eriya gyeyawangaala omugenge omu ye yawonyezibwa. Banamwandu bangi mu nnaku za Erisa, naye yasindikibwa eri omu yekka. Era tukizuula nti waliwo ebintu bingi Katonda byakola, era natabibikkula eri abaddu Be; tewali muddu asinga Mukama we. Era, Katonda tagabana kitiibwa Kye na muntu yenna. Ye Katonda. Era omuddu bwatuuka mu kifo nagezaako okutwala ekifo kya Katonda, olwo Katonda atwala obulamu bwe nabaako gyamutwala awantu, oba ekirala. Tuteekwa okukijjukira ekyo.

70 Kati, mu kwolesebwa kuno n'okuvvuunula … Ssisobola kumanya kuvvuunula kwa kirooto okutuusa nga ndabidde ddala mu kwolesebwa ki ekirooto kye kyabadde. Era bangi ku mmwe mumanyi nti mumbuulidde ebirooto byammwe, nga temusobola yadde okukimalayo kyonna. Era bwenalabanga

Tunula waggulu, obununuzi bwo butuuse.

Kiyinza okuba okumpi okusinga bwolowooza nti bwekiri. Oh, Sikoze kimala. Tuli ludda wa?

300 Ekiseera tewakyali nate. Alangirira nti ekiseera kiweddeyo. Kiki ekibaawo? Kiki ekibaawo? Ekyo kiyinza okuba kati, ab'oluganda? Mulowooze nnyo. Bwe kiba nga bwekiri, olwo piramidi etuukirizibwa n'ebibwatuka ebyo omusanvu.

301 Mujjukira obubaka obwo obwa piramidi? Lye jjinja ery'oku ntikko. Kyakola ki? Omwoyo Omutukuvu yatuukiriza omuntu ssekinoomu era namussaako akabonero bwe twagatta ku kukkiriza kwaffe, obutukirivu, okutya Katonda, okukkiriza n'ebirala. Twagenda nga tugattako okutuusa lwe twafuna ebintu musanvu, era eky'omusanvu kyali Kwagala era nga ye Katonda. Eyo ye ngeri gy'Akolamu omuntu ssekinoomu. Amutuukiriza era n'amussaako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu. Era ekyo bwe kiba bwe kityo, Alina emirembe musanvu egy'ekkanisa mwe Yalina ebyama musanvu mwe byabuulirwa era babirwaanirira okubikomyaawo, era Ejjinja ery'oku ntikko lijja okutuukiriza ekkanisa. Ebibwatuka omusanvu bitegeeza ekyo, baganda bange? Bassebo, awo we tuli?

302 Junie, njagala kwogera ku kirooto kyo. Laba, Junior, ng'obubaka bwa piramidi tebunnabuulirwa, emyezi n'emyezi nga tebunnabuulirwa, yalaba ekirooto kino. Ogamba, "Lwaki ekirooto."

303 Nebukadduneeza yaloota ekirooto Danyeri kyeyavvuunula, kyalaga okutandika kw'omulembe gwa Ab'amawanga, era n'ewegulikoma. Era kizze ddala bwe kityo. Tewaliyadde akatundu akalemerereddwa.

304 Wetegereze, obuwandiike obwali ku—obwali ku lwazi; nnali mbubavvuunulira. Baasanyusibwa. Ekyo kye kyama kya Katonda ekibadde kitegeerebwa obubi emyaka gyonna. Ekyo kiyinza okubeera ekyo? Era kati wetegereze, mu ngeri eyewuunyisa, twakwata okuva mu bbanga ekyuma ekisala ekyabikkulako eky'okuntikko, era awo munda mwalimu ejjinja eryeru, naye tekyavvuunulwa. Teryaliko nnyukuta. Saakivvuunula ekyo, Junior. Nakitunuulira butunuulizi, ne nngamba ab'oluganda, "Mutunule ku kino," era ekyo kituukiriddwa leero. Nga bakyetegereza ekyo, nabulawo ne nngenda ebugwanjuba. Lwaki? Osanga okutegeera amakulu g'ebyo ebiwandiikiddwa kungulu kwa kino. Kiyinza okuba?

305 Era okubwatuka okwo ku makya ga luli okwannyeenya paka lwe kwansitula mu bbanga wala nga ekizimbe kino, n'ekibinja kya bamalayika abo, bamalayika musanvu, mu kifaananyi kya piramidi… bye bibwatuka ebyo omusanvu ebijja? Kiyinza okuba? Bino byonna byavvuunulwa. Okusinzira ku kirooto kye, byonna biwedde. Okusinzira ku Kigambo kya Katonda omubaka ow'omusanvu ajja kutuukiriza –obubaka obw'omusanvu bujja kutuukirizibwa.

306 Oluvannyuma ebibwatuka omusanvu, era yalaba ejjinja ery'oku ntikko nga liggibwaako, nga n'okusinga abantu bangi tebamanyi nti waliwo obubonero musanvu obw'okubikkulwa. Nsomye obutabo bw'abantu bangi ku Okubikkulirwa, sikiwuulirangako nga kyogeddwako. Ekyo bakibuuka. Naye kibagambiddwa nti mwekiri. Simanyi ki kyekiri. Kiyinzika okuba ekyo? Katonda, tusaasire. Bwe kiba nga kye kyo, tuli mu kiseera ekizibu ennyo.

307 Kati, eddakiika emu yokka. Laba. Ekyo bwe kiba kyo, era nga ekyama kituukiridde ekyawandiikibwa ku lwazi, Ndi musanyufu ndi mu kkanisa n'abantu

294 Kati, wuliriza. Malayika ono yakka okuva mu ggulu. Olaba, bamalayika bali abalala omusanvu eb'ekkanisa omusanvu baali babaka ba ku nsi, naye malayika ono… Obubaka bwonna buwedde. Malayika ow'omusanvu amaliriza byonna. Awo Malayika ono ajja, si ku nsi; Si muntu okuva ku nsi nga ababaka eri emirembe gy'ekkanisa; Naye Malayika ono aleeta okulangirira okuddako. Malayika kitegeeza mubaka. Akka okuva mu ggulu ng'ayambadde Empagi ey'Ekitangaala, ekire, ne musoke ku mutwe Gwe. Era musoke ndagaano. Yali Kristo, n'ekigere ekimu ku nsi n'ekimu ku nnyanja, nalayira nti ekiseera tewakyali nate.

295 Tuli ludda wa, bassebo? Bino byonna bitegezaaki? Mbabuuza.

296 Bamalayika abalala baali babaka, bantu ba ku nsi. Naye Malayika ono…Kino kyagamba, eri malayika ow'ekkanisa ya Lawodikiya; eri malayika w'ekkanisa ya Efeso, babaka ba ku nsi (Olaba?), bantu, ababaka, bannabbi, n'ebirala eri ekkanisa. Naye ono teyava ku nsi; Y'akka kuva mu ggulu, kubanga ekyama kyonna kituukiridde.

297 Era ekyama bwekituukirira, Malayika yagamba, "Ekiseera nga tewakyali," era ebibwatuka omusanvu n'ebyogera amaloboozi gaabyo.

298 Bwe kiba kintu ekigenda okutuyingiza mu kukkiriza okw'okukwakkulibwa. Bwe kiri? Tunadukka okubuuka ebigo? Waliwo ekintu ekiteekateeka okubaawo, era emibiri gino emikadde, eminafu gigenda kufuusibwa? Nyinza okulinda okukiraba, Ayi Mukama? Kiri kumpi nnyo nti nngenda kukiraba? Guno gwe mulembe? Bassebo, baganda bange, kiseera ki? Tuli ludda wa?

299 Katutunuleko ku ssaawa, ku kalenda tulabe olunaku lwe tulimu. Isiraeri eri mu Palestine mu nsi yaayo. Akabonero, Emmunnyeenye ya Dawudi ey'ensonda omukaaga, emyaka enkkumi bbiri, weewaawo, kumpi nga emyaka enkkumi bbiri mu bitaano emabega, bbendera ey'edda yeewuuba. Isiraeri yadayo mu nsi yabbwe. "Omuti omutiini bwegutojera, omulembe guno tegulifa, tegulizirika – teguliggwaawo okutuusa nga ebintu bituukiriziddwa."

Ensi zisasika,
Isiraeri azuukuka,
Obubonero bannabbi bwe baalanga.
Ennaku z'abamawanga ntono,
Ebizibu byetuumye,
Mukomeewo abasaasaana.
Obununuzi butuuse,
Mitima gityemuka;
Jjula Omwoyo, longoosa ettaala,
Tunula waggulu, obununuzi bwo butuuse.
Bannabbi abalimba,
Beegaana amazima ga Katonda
Nti Yesu Kristo ye Katonda waffe.
(Mukimanyi ago mazima. Mazima ddala.)
Naye tutambula ng'abatume.
Obununuzi butuuse,
Mitima gityemuka;
Jjula Omwoyo, longoosa ettaala,

ekirooto nga kikomawo gye ndi, nakyuka era ne nkubuulira nti bingi byoleseeyo, era awo ne nkubuulira byoleseeyo. Mumanyi nga ekyo kituufu. Bwe kiba nga ekyo kituufu mugambe, "Amiina." Ebintu byotangambye … n'olw'ekyo (Mulaba ?), singa – nga Nebukadduleeza bwe yagamba, "Bw'oba nga tosobola kumbuulira kiki kye nnaloose, olwo naamanya ntya nti osobola okumbuulira amakulu gaakyo?''

71 Naye bino byonna, tetuteekeddwa kubitwaala ne tugamba, "BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA." Tetuteekeddwa kukola ekyo. Tuteekwa okuba n'eddoboozi etuufu, eky'okuddamu okuva eri Katonda, nga tetunaagamba nti ye Katonda, si nga bwetukiraba, si kukyamukirira. Newankubadde nga kikuba kwenkanawa, oyinza ogamba, "Nzikiriza kiyinza okuba mu ngeri bw'eti," naye bw'oyogera, "BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA," si gwe.

72 Weetegereze ku kituuti. Wali okirabyeko nga kiremererwa? BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA kituukiridde, tekiremererwangako. Era kasita kibeera nga kiri, BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA, tekisobola kulemererwa.

73 Naye okusinzira gyenvudde ankuumye, kubanga mulindiridde. Sigezezaako kunoonya tutumu oba ebitiibwa bya bantu ebitaliimu. Ngezezaako nga bwensobola okubeera omwetowaze, era okubeera obulamu bwe ndowooza nti Omukristaayo bwateekeddwa okubeera nabwo. Era ekyo sisobodde kukikola kulwange, wabula Ye yakikoze okutuusa leero. Nga bwengambye Ye yankulembedde.

74 Ebintu bingi ebyogerwa mu ngeri bw'eti, naye nga birwawo. Naye mwenna mumanyi bulungi ebintu bino. Era ensonga yokka lwaki nabaletedde okugamba, " Amiina," emabega awo, bantu mmwe, abambuulidde ebirooto, awo ne nzijja ne nkubuulira byoleseeyo, kubanga obubaka buno bukwatibwa ku lutambi, abantu b'amawanga gonna bajja kuwulira kino, era bwe baliwulira eyo "Amiina," olwo balimanya nti waliwo amaloboozi agaali wansi w'obuweereza buno, abamanyi obutakola ekintu kyonna ekikyamu, oba okugamba "Amiina" eri ekintu ekikyamu. "Amiina" kiri "kibeere bwe kityo." Kiba kukinyweza.

75 Kati, obulamu bwange bwonna, okuva nga ndi mulenzi muto, waliwo ekintu ekimbaddeko. Era mbadde n'obulamu obutali bwa bulijjo, obuzibu ennyo okutegeera. Ne mukyala wange atakula omutwe n'agamba, "Bill, sikkiriza nga omuntu yenna asobola okukutegeera."

76 Ne nngamba, "Nange sitegeera," kubanga n'ewaaayo—n'ewaayo eri Kristo emyaka mingi emabega. Yakulembera. Sigezaako kukitegeera. Nngenda bugenzi gy'ankulembera, okusinzira nga bwe mmanyi.

77 Neebaza nnyo olwa mukyala wange omulungi n'abaana, era n'olwa mukyala wange n'abaana bange abalina obwesige mu nze nti ssisobola kubabuulira kintu kyonna kikyamu. Nti bakkiriza … Ekiseera kyonna bw'obabuulira ekintu kyonna, bakinywererako. Bamanyi nti ssisobola kubabuulira kintu kyonna kikyamu. Era olwo nsobola okubuulira omwana wa Katonda yenna ekintu kyonna ekikyamu? Si nga njagadde, nedda, ssebo. Katonda ayagala abaana be mu kutendekebwa okutuufu. Era beera mwesigwa n'abo era ow'amazima n'abo, awo aja kukiwa omukisa, nzikiriza.

78 Kati, wonna okuyita mu lugendo, waliwo ebintu ebibaddewo byesisobola

kutegeera. Era ebimu ku bintu bye nnali ssisobola kutegeera kyali bwe nnali omulenzi omuto okwolesebwa okwo nga kujja gye ndi. Era nga okulaba ne mbuulira bazadde bange ebintu ebigenda okubaawo. Balowooza nti nnali mweraliikirivu. Naye ekintu eky'enjawulo, nga kituukirira ddala nga bwe kyagambye. Ogamba, "Ekyo kyaliwo nga tonakyusibwa?"

79 Yee. "Ebirabo n'okuyitibwa tebyejusibwa," Bayibuli yagamba. Wazaalibwa mu nsi muno olw'ekigendererwa. Era to… okwenenya kwo tekuleeta birabo; byateekebwateebwa dda ku lulwo.

80 Kati, okuyita mu lugendo … Era bwe nnali omulenzi omuto okuyaayaana kwange kwali… ssamatizibwa na nsi gye nnali mbeeramu. Nayaayaana okugenda ebugwanjuba.

81 Era banongosa, bwe bankuba essasi, bwe nnali omulenzi omuto. Era bwe nadda engulu mukusalanyizibwa okwasooka, nnalowooza nti ndi mu kutulugunyizibwa, nga nzikirira wansi. Eddagala lye bateeka ku biwundu lyanzirisa. Era nnali nzirise okumala essaawa munaana; ndowooza. Baali beeraliikirivu mu kugezaako okunkomyawo nate. Baakola okulongoosa okunene awatali penisirini. Omusaayi… Amagulu gombi kumpi gaveeko olw'okukubwa essasi ly'emmundu… Omulenzi omuto mukwano gwange yanasula emmundu ye.

82 Awo emyezi nga musanvu oluvannyuma, nnebansanyalaza nate, era bwe nadda engulu, nnalowooza nnali nnyimiridde mu lusenyi lw'ebuvanjuba era omusaalaba ogw'ekitalo ogwa zaabu mu bwengula, era nga ekitiibwa kya Katonda kyakira ku gwo, nze nga nnyimiridde bwe nti.

83 Ekitangaala, kye mulaba mu kifaananyi leero, ekikakasiddwa okuba Amagero g'Obwakatonda mu kunoonyereza kwa ssaayansi … Gye ndi kye Kitangaala kye kimu ekyassuula wansi Omutukuvu Pawulo. Kye Kitangaala kye kimu ekyakulembera abaana ba Isiraeri ekiro. Mwakyetegereza wano, Malayika ono, Yali ayambadde ekire. Labayo, Yali kire emisana.

84 Kati, Ekitangaala ekyo kye kimu … eri abantu nga tebakitegeera mu kusooka, basooka ne balowooza nti kyali kikyamu, nti nnali ekyo nkyogera bwogezi. Naye Omwoyo Omutukuvu yafuna ebiyuma byasaayansi, n'abantu nga bali awo, olw'okukikakasa, ne bakuba ekifaananyi ekyo emirundi mingi. N'agamba, "Ndaba omuntu aliko ekisiikirize ky'olumbe," ekisiikirize ekiddugavu ku bo.

85 Wiiki ntono emabega nnali mu kibuga, era bwetwali tubuulira … Temuli… toteekeddwa kukuba bifaananyi, omanyi, nga babuulira. Era bwe… (ekintu kye kimu bwe kyali ekyo wekyakubirwa.) Naye waaliwo eyalina kamera. Ne nngamba eri omukyala atudde awo, nga mupya. (Nnali mu—mu bukiika ddyo bwa Pines.) Ne nngamba, "Waliwo ekisiikirize waggulu ku omukyala ono bw'ati ne bw'ati (omukyala gwe sirabangako mu bulamu bwange). Waakava ew'omusawo era kookolo wa mirundi ebiri, omu ku bbeere, era balemeddwa. Osiikiriziddwa malayika ow'ekizikiza ogenda kufa."

86 Ekintu ne kigamba mwannyinaffe atudde okumuliraana eyalina kamera, ne kimugamba, "Kuba ekifaananyi." Natayagala kukikola. Nekigumizza, "Kuba ekifaananyi," era naasigala nga akyagaanyi. Naye era ne kikomawo. Naakwaata ekifaananyi era naakuba ekifaananyi, era kiikyo awo, okusinziira ku ssaayansi. Kiri ku kipandde: ekiddugavu – ekisiikirize ky'olumbe.

87 Awo, omukazi bwe yakkiriza era essaala n'ekolebwa, ekifaananyi kyekuba

Kiringanga bwotasobola kunngamba nti waliyo ekintu nga ekyo nga Puligatoole n'ebintu ng'ebyo. Tewaliwo Kyawandiikibwa mu Bayibuli kukiwagira.

286 Tosobola kumbuulira bintu nga bino nga ekitabo kya Maccabees, ekiyinza osanga ekitaliko buzibu, era n'ekyo eky'okuna ekya Book of Daniel, malayika weyamusikira enviiri era na-- muteeka wansi. Tewaliwo kintu nga ekyo ekyabaawo mu Bayibuli. Yesu ow'e Nazaaleesi weyabumbira ekinnyonyi mu bumba, n'akitekako amaggulu, era n'agamba, "Buuka ogenda akanyonyi akatono." Bya butaliimu. Tewaliwo mu Bayibuli wakiwagira.

287 Kale tekirimba… Aba—Abavvuunuzi… Katonda yakakasa nga abavvuunuzi tebagattako na bintu nga ebyo ebiyiiye n'ebyo eby'obutaliimu. Bayinza okuba nga baali bantu balungi, aba Maccabees brothers … Sigamba nti tebaali bantu balungi, naye tekyali mu Byawandiikibwa. Kuno kwe kubikkulirwa okulamba okwa Yesu Kristo. Tewaliwo kiyinza kwongerwako oba okuggibwako. Era ekyo bwe tukyongerako, tekikwatagana na Byawandiikibwa birala. Waliwo ebitabo nkaaga mu mukaaga ebya Bayibuli, era tewaliwo kigambo n'ekimu ekikontagana n'ekirala.

288 Era oba nga kuno kwekweyogerayo kw'okufuuwa amakkondereere gano agasembayo oba ebibwatuka bino omusanvu ebijja, ebyama, obubonero obusembayo, kijja kukw- -oba okukwatagana n'Ebyawandiikibwa ebirala byonna. Era oba nga obwo obusooka bwabikkulwa na kubwatuka kwa kibwatuka, n'obuddako nabwo bwe bujja bwe butyo, obuli kungulu.

289 Tunuulira kiki ekibaawo. Okwolesembwa bwekuba nga kuli mu Byawandiikibwa, olwo kuteekwa kuvvuunulwa na Byawandiikibwa, oba okweyongerayo kw'Ebyawandiikibwa bye bimu.

290 Mwekkaanye, Okubikkulirwa 3 ne 4. Ebibwatuka musanvu – ebibwatuka musanvu era kati awo wetegereze… (3 ne 4). Era awo oluvannyuma ki? Kirayiro okuva eri malayika oyo ow'amaanyi nti ekiseera tewakyali nate. Ebibwatuka bino (Olaba?), byayogera amaloboozi gaabyo, awo malayika… Kirowoozeeko bulowooza. Malayika ayambadde ekire, ne musoke ng'ali ku mutwe Gwe. Lwaki, mumanyi oyo Y'ani. Yateeka ekigere ekimu ku nsi n'ekimu ku nnyanja n'awanika omukono Gwe n'alayira nti ebibwatuka ebyo omusanvu bwe byayogera amaloboozi gaabyo, nti ekiseera waliba tewakyali nate. Era oba nga obuweereza obw'ebyama bya Katonda buwedde … Kitya bwe kiba nga ebyama ebyo omusanvu bye bijja?

291 Mu kkanisa entono nga eyaffe, nti Omuyinza w'ebintu byonna azze era nafaayo ku bantu Be abawansi.

292 Ogamba, "Kati, sirowooza nti bwekiri." Kiyinza obutabeera, naye singa kiba nga bwekiri? Olwo obudde buweddeyo. Bwokirowooza? Ffaayo nnyo. Kiyinza okuba nga buyise okusinga bwetulowooza.

293 Emmunnyeenye ezo nga zesengeka mu kibinja; Malayika oyo n'ajja era n'agamba, "Nga Yokaana bweyatumibwa okufundikira Endagaano Enkadde era n'okwanjula Kristo, obubaka bwo bujja kumaliriza byonna ebyalekebwayo era bwanjule Masiya ng'anatera Okujja." Obubaka obw'ennaku ez'oluvannyuma, wetegereze, Malayika ow'amanyi yalayira n'ekirayiro, nti ekiseera tewakyali nate. Kati, saagala kubakuuma kiseera kiwanvu. Lowooza ku kino okumala eddakiika kati.

278 Mbabuuza ekibuuzo. Kyabwatuka n'okubwatuka eddoboozi lino bwe lyabwatuka. Wakyetegereza nti obubonero omusanvu, obwadirira emirembe omusanvu egy'ekkanisa; ekabonero akasooka bwe kabembulwa, nti waliwo ekibwatuka? Obubonero obusooka mu Kitabo bwe bwabembulwa, waliwo ekibwatuka. N'akabonero akasooka kungulu kw'Ekitabo tekabikkulwe mu ngeri y'emu? Katonda takyusa nteekateeka Ye.

Ka tubikkule mu Okubikkulirwa 6.

279 Ne ndaba Omwana gw'endiga bwe yabembula ku bubonero omusanvu ko akamu, ne mpulira nga eddoboozi ery'okubwatuka, ekimu ku biramu ebina nga kyogera nti, jjangu olabe.

280 Kati, tewaliwo kubwatuka kulala nate; era akabonero akasembayo bwe kabikkulwa, ne waba akasiriikiriro mu ggulu nga kitundu kya ssaawa. Naye akabonero akasooka bwe kabikkulwa, waliwo eddoboozi ery'okubwatuka.

281 Oh, ekkanisa, kiyinzika okuba? Tutuuse yo? Ab'emikwano, lowooza. Osanga… Ka ndowooze si bwe kiri, naye singa kiba nga bwekiri? Okubwatuka okwo kyabadde ki? Mu maaso ga Katonda ne Bayibuli eno ebikkuddwa, sirimba. Okubwatuka okwanyeenya ensi, era akabonero akasooka ku musanvu akabembulwa mu Bayibuli, bwe kavaayo, kamu kokka, naye okubwatuka okwanyeenya byonna: okubwatuka. Era kati, obubonero buno obuli emabega w'ekitabo bwe bunaabikkulwa, tekuube kubwatuka nakwo? Simanyi. Sisobola kumanya.

282 Waaliwo ekibwatuka. Akabonero akasooka … N'akabonero kaali kibwatuka, ekkondeere lyabikkulwa mu kiseera ekyo, era nga bwe kiri ekkondeere lyafuuwibwa ku Pentekoote. Sigenda kukiyingiramu ekyo.

283 Kati, bwe kiba nga okwolesebwa kwaali mu Byawandiikibwa, okwolesebwa kwe njogerako, kwe nnalaba Olw'omukaaga ku makya oluwedde nga wiiki emu emabega kati. Singa, kati jjukira wano. Okwolesebwa bwekuba nga kuli mu Byawandiikibwa, kuteekwa okuvvuunulwa na Byawandiikibwa, oba okweyongerayo kw'Ekyawandiikibwa kyekimu. Nnindiriramuko ekyo kisobole okuyingirira ddala munda. Bwe kiba nga kino kye nnalaba… Kye kyali, simanyi, naye ntidde kumpi kufa. Tuweddemu? Tutuuse ku nkomerero? Jjukira, malayika yagamba kino bwe kibangawo, Yalayira nti tewalibeera kiseera nate. Neewuunya ddala oba kino tukitegeera?

Ogamba, "Kale kirabika nga ekijja okubwatuka wonna… Ow'oluganda, Ajjira mu kiseera kyotalowoozaako. Ojja kukiwulira omulundi gwo ogusembayo.

284 Kati, kitegerekeka? Akabonero akasooka bwekabikkulwa, obubonero obwali mu Kitabo, ebyama bino ebyabuulirwa: okuggibwako omusango, okutukuzibwa, ekkanisa ya Ruumi Enkatolika, Abapolotesitanti, era entalo zaabwe n'ebyo ebyalekebwayo mu Kigambo kya Katonda, malayika ow'omusanvu ajja nabikunngannya byonna era n'abinnyonnyola. Olaba? Ajja n'amaliriza; ebibwatuka omusanvu n'ebyogera. Yokaana n'atandika okuwandiika. Yagamba, "Tobiwandiika, naye bisseko akabonero." Era akabonero akasooka kabikkulwa ku bubonero obuli munda mu Kitabo; kabikkuka na kibwatuka.

285 Oba nga kino kiri mu byawandiikibwa, kisobola ku… Ekyawandiikibwa kyonna bwe kiba… Ekintu kyonna ekiteekeddwa okuba ekya Bayibuli…

buteerevu emabega waakyo: nga kitegeerekeka. Ne nngamba, "Ekisiikirize kigenze." Olaba? Omukyala mulamu olw'ekisa kya Katonda.

88 Olaba? Singa oyogera amazima… oyinza okusekererwa akaseera; oyinza okutegeerebwa obubi okumala akaseera; naye Katonda ajja kukikakasa, nti ge mazima, kasita osigala nakyo. Sigala busigazi nakyo. Kiyinza okutwala emyaka, naye nga eri Ibulayimu n'abalala, naye bulijjo ajja kukifuula amazima.

89 Malayika oyo awo… Era ndowooza, nga oggyeko mukyala wange, waliwo abantu wano leero okuva emyaka assatu edda abaali bayimiridde okumpi ekyo bwekyakka… Waliwo omuntu yenna mu kibiina kati eyaliwo Malayika wa Mukama, eyakka ku mugga omulundi ogwasooka, mu maaso ga bantu, wanika emikono gyo. Yee, baaliwo. Olaba? Kati, ndaba mukyala Wilson awanise omukono gwe. Yali ayimiridde awo. Mukyala wange awo, yaliyo. Simanyi ani kw'abo abalala abaali bayimiridde ku lubalama wano, mu maaso ga bangi, abantu bangi, bwe nnali nga mbatiza ku ssaawa munaana ez'emisana, butereevu okuva mu bwengula obwa kikome, omwali mutabadde nkuba okumala wiikisi, Yajja bw'atyo n'okuwuluguma. Yagamba, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembeera okujja kwa Kristo okwasooka, otumiddwa n'obubaka okukulembera okujja kwa Kristo okwo kubiri"

90 Bangi abantu, okuva mu basuubuzi ab'ekibuga baali bayimiridde ku lubalama, bambuuza ki kyekitegeeza. Nagamba, "Ekyo tekibadde kyange; kyammwe, nzikiriza." Kyagenda bwekityo mu maaso. Era Malayika oyo bwe yavaawo, singa ojjukira, Yagenda ebugwanjuba bweyali Agenda waggulu, butereevu naabulawo, waggulu w'olutindo, n'agenda ebugwanjuba.

91 Oluvannyuma nasisinkana eyasoma eby' emmunyeenye, Omugezigezi. Ne bambuulira ku okwesengeka kw'ekibinja ky'emmunyeenye okwali kubaddewoko lumu abasajja abagezigezi mu Babulooni kwe baalaba wansi okwolekera Obufirisuuti okwesengeka kw'ekibinja ky'emmunyeenye zino essatu. Mumpulidde nga nkyogera emirundi mingi. Mukimanyi ekyo kikakasiddwa wiiki emabegako awo okuba amazima?

92 Ow'oluganda Sothmann, olina olupapula olwo leero, wonna w'oli? Kiri mulupapula, mu lupapula lwa Ssande, Desemba nga 9. Ow'amawulire yagendeyo, ne basimayo ebintu bino byonna. Era mazima ddala kati tuli, kikakasiddwa, nti kati tuli, omwaka guno ogujja gwa lukumi mu lwenda mu nsanvu: tuli emyaka musanvu emabega okusinzira ku njazi ze baasiima, naye kikakasa nti kikyamu. Kiri kumpi okusinga bwe tulowooza.

93 Bwentyo, siraba Ow'oluganda Fred. Ow'oluganda, w'oli wano? Olina olupapula naawe, Ow'oluganda Sothmann? (Olina…Alina olupapula.) Osanga enkya ekiro nja kubaleka mulusome. Tetulina budde leero.

94 Musobole okulaba era mwetegereze… Abo abagezigezi, abagezigezi Abayudaaya, eyo mu Babulooni, nga basoma emmunyeenye, baalaba ekibinja ky'emmunyeenye nga zeesengeka, era bweyakikola, baamanya nga Masiya yali ku nsi. Awo ne bajja mu Yerusaalemi nga bayimba (olugendo lwa myaka ebiri), "Ali ludda wa eyazaalibwa Kabaka wa Bayudaaya?" Wonna mu nguudo baagenda. Era lwaki, Isiraeri yabasekerera. Bano ekibinja ky'abazoole. Tebaalina yadde kyebakimanyiko. Naye Masiya yali ku nsi. Era kati… Mumanyi ebirala ebyaliwo, bye bagamba. Kati, ekyo tujja kukisoma enkya ekiro.

95 Kati, okujja eri kino, nti okwolesebwa tekulemererwa, kubanga kuva eri Katonda. Era wonna mu lugendo wabaddewo ekintu ekinsika, nga kinkwatako. Kati Omugezigezi oyo bwe yangamba ku bintu bino nga nkyali mulenzi muto, omukuumi w'ebisolo(oba nga tekinnaba, ndowooza bwe kyali), ku bintu bino, era kyantiisa, kubanga nnali ntya—Omugezigezi kye yali. Naye oluvannyuma nti abagezigezi b'omu Bayibuli baali batuufu, kubanga Katonda akirangirira mu Ggulu nga tannaba kukirangirira ku nsi: Batunuulira eby'omu bwengula.

96 "Katonda tasosola mu bantu mu ggwanga lyonna," bweyagamba Peteero. Kati, "Naye abo abamutya mu mawanga gonna Katonda abakkiriza." (Olutambi lwereere –Omuwa.),

97 Era olwo tuzuula … olwo… Nagezaako okweggyako ekirowoozo. Naye, nga kitwaala ssaawa okuyingira, naye ne basigala nga batwalibwa eri, ne batwalibwa eno, naye nnali nkitya.

98 Omugezgezi ono yangamba, "Togenda kuwangulira buvanjuba." Yagamba, "Wazaalibwa wansi w'akabonero." Era n'agamba, "Wa… akabonero ako, okwesengeka kw'ekibinja ky'emmunyeenye okwo, bwezeekwaata eyo bwezityo, ku lunaku lw'okuzaalibwako, zaali zeewanise bugwanjuba, era kikugwanira okugenda ebugwanjuba."

99 Era ne nngamba, "Kyerabire." Nnali – Byali tebinkwatako. Newakubadde ebyo byonna, ekyo tekyakiggya mu mutima gwange.

100 Awo, bwe nnali waggulu eyo ekiro ekyo, olw'okwolesebwa kuno, nnali sibitegeera.

101 Baganda bange aba Baputisiti bangamba nti ekyo yali setaani. Era Malayika oyo bwe yalabika, yakiteekera ddala mu Byawandiikibwa, era n'agamba nga bwe kyali edda, bakabona bwe baali nga bawakana ku bintu, nga tebamanyi kyambalo nabaki kyebatekeddwa kwambala, n'engoye, na buli kintu, era nga bawakana kunjawukana zaabwe, bo abagezigezi baali bagoberera emmunyeenye okubatwala eri Kristo.

102 Ababuulizi bwe bagamba nti Yesu yali eyeefuula kyatali, Beruzebuli, setaani naayimuka n'abagamba, "Tumanyi Ggwe ani: ggwe Omutukuvu wa Katonda. Lwaki ojja okutubonyaabonya ng'entuuko zaffe tezinnaba kutuuka?"

103 Pawulo ne Siira bajja nga babuulira Enjiri, omulaguzi, nga atudde ku luguudo… Awo ababuulizi b'omu nsi eyo bagamba, "Abantu bano beefuula kye batali. Bayuza amakkanisa gaffe, n'ebirala, abavuunika ensi n'obuvundu bwabwe."

104 Naye ki ekyabaawo? Omugezigezi oyo, omulaguzi oyo, yagamba, "Bano basajja ba Katonda abatubuulira ekkubo ery'obulamu."

105 Era Pawulo n'aboggolera omwoyo ogwali mu ye. Teyetaaga buyambi bwonna okujulira kiki kye yali. Ne Yesu naye yagigamba gisiirike. Naye kiraga nti oluusi amasetaani gamanya ku bintu bya Katonda okusinga ababuulizi bwe bamanyi. Bafuuka abasibiddwa ennyo eddiini. Ekyo bwe kyaali mu Bayibuli, ne Katonda takyuka.

106 Olunaku lumu, nga nzijja okuva ewa Ow'oluganda Norman, nnali nvuga ku kkubo. Nnalina olukunngaana eyo waggulu, era Mukama Katonda nandabikira mu kwolesebwa. Nga ntudde mu maaso ga wankaaki yange wano ku nnyumba

mbawuliriza okutuusa bonna nga bamazze.

274 Ow'oluganda—Ow'oluganda Carlson yayimirira. Yagamba, "Abasajja ab'ekitiibwa…" Mwenna mumanyi Hank Carlson. Mubuuze. Kati, mukirina ku lutambi wano. Bw'oba oyagala okugula olutambi weluli wano. Abalenzi balulina. Yagamba, "Abasajja ab'ekitiibwa …" Yagamba, "Mbanjulira addako, Ow'oluganda Branham." Yagamba, "Muyinza obutakkiriziganya naye ku njigiriza ye, naye kambeeko kye mbabuulira: Ennaku ssatu emabega twatuula awantu, era oba nga omusajja oyo teyambuulira buli kintu kye ndabye ku makya ga leero, mbasiyimiridde wano. Yambuulira nti mwenna muteekateeka okumubuuza ku njigiriza ye, era yagamba nti nteekwa okusazaamu ekifo kiri mbeere wano, era yangamba buteerevu wa Dokita Mead, era n'abantu bano we banaaba batudde, ddala nga bwekiri kati, era babano wano." Yagamba, "Oyinza obutakkiriziganya naye, naye njogera ekintu kimu; muvumu kw'ekyo kyalowooza." N'agamba, "Kati, Ow'oluganda Branham, eddiiro liryo."

275 Ne nngamba, "Nga tetunatandika." Ne nsoma kye nasomye ku makya ga leero; "Saalema kugondera okwolesebwa okw'omu ggulu." Ne nngamba, "Kati, ka kino tukimalirize. Kati, mwenna mwogedde ku kubeera ba dokita ab'eby'eddiini, era nnyimiridde wano nzekka." Ne nngamba, "Oba nga ekyo kituufu, mwagala kumbuuza ku kubatizibwa mu Linnya Yesu, tujja kutandikira kw'ekyo okusooka. Njagala omu ku mmwe abasajja aleete Bayibuli ye era ajje ayimirire wano ku ludda lwange, ku kintu kyonna kyenjigiriza." Ne nngamba, "Yimirira wano ku ludda lwange era n'Ekigambo kya Katonda, okiwakanye." Nnalindirira; tewaliwo yayogera kintu kyonna. Ne nngamba, "Nsaba abamu ku mmwe abasajja mujje wano, oyimirire ku ludda lwange. Kale kiki ekibaliko? Kati muve ku by'okunseketerera, bwe muba nga mutidde okuyimirira wano nange." Si nze gwebatya. Wabula Malayika oyo owa Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, gwe bamanyi nti oba nga yasobola okumbuulira nga sinaajja… Baali bagezi nnyo okusinga bwe nabalowooza nga bwe baali. Bakimanya ne batajja okuyimirira awo.

276 Mumanyi mubaddeko mu biseera—mu biseera nga ebyo nammwe, naye tebaakikola. Nsonga ki? Oba nga kya kitalo nnyo era nga bamanyi nga kituufu nnyo… Nkitadde ku lutambi, era n'awalala wonna ndi mwetegefu okukyogerako mu ngeri ey'Ekikristaayo n'ow'oluganda yenna. Sijja kuwakana na muntu yenna, naye njagala mujje, mukiwakanye n'Ekigambo, si na butabo bwo kati, si Ddokita gundi ne gundi, oba omutukuvu gundi ne gundi, byeyagamba. Njagala kumanya Katonda kye yagamba. Ogwo gwe musingi. Njagala kumanya Ekyo kye kiri. Tebakikola.

277 Kati, laba, bwe kiba nga kye kiseera eky'amaloboozi omusanvu, olwo kiba kiseera eky'Amaloboozi omusanvu nga Ekitabo kiwedde nga Okubikkulirwa 10 kibikkulwa. Kati, wetegereze, sigenda kubakuuma kiseera kiwanvu kusingawo; mmanyi mbakooya wano; eddakiika ebula bbiri okuwere essaawa ennya. Wuliriza nnyo kati. Mmanyi muyimira era nga mwenna mukyusa ku bifo ebyokutulamu ne bwebityo. Nja kuba musanyufu ekkanisa bwenagwa tusobole okuba nga tetwenyiga. Tusobola okumala olunaku lwonna nga tukibuulira.

Kati, wetegereze. Kati, wekkaanye, amaloboozi omusanvu gaali bibwatuka: okubwatuka.

Katonda tuyambe. Bwemba omukyamu, Mukama nsonyiwa.

Yagamba, "Oh, Nze—Nze sisobola kukikola ekyo."

268 Ne nngamba, "Lwaki? Ndi wa kibiina kya musanvu era Na—Nsobola okugamba… Nsobola okugamba amatwale (empire) ku kifo ky'omuntu asala wakati w'omuzannyo (umpire)" Olaba? "Simanyi kwogera mu maaso gaabwe, ate nga wagenda kubeerawo Ekibiina Ky'Abaweereza b'e Chicago Ekikulu. Nngenda kwogera ntya mu maaso gaabwe n'obuyigirize bwange buno obw'eky'omusanvu, Tommy? Oli eyasoma ennyo eby'eddiini (Doctor of Divinity). "Ne nngamba, "Omanyi engeri ey'okwogeramu; Nze simanyi."

N'agamba, "Ow'oluganda Branham, sisobola kukikola ekyo."

Ne nngamba, "Lwaki? Nkukozze obulungi bungi." Era nkikolera ddala bulungi.

Ow'oluganda Carlson yagamba, "Oh, Ow'oluganda Branham, yali takisobola kukikola ekyo."

Ne nngamba, "Lwaki?"

Yagamba, " Kale…duuh—duuh---duuh…ki…uuh."

269 Ne nngamba, "Omanyi lwaki? Ggwe omanyi lwaki, naye toyagala kumbuulira. Balina akatego kebanteze." Era ne nngamba, "Ow'oluganda Carlson, wafunye ekisenge ekyo ekya wooteri, tewakifunye, wetwalina ekijjulo kiri?"

"Yee."

Ne nngamba, "Togenda kukifuna."

Yagamba, "Kale, Ow'oluganda Branham, twakisasuddeko dda."

270 Ne nngamba, "Sifaayo kiki kye mulina; tekigenda kukozesebwa. Ekyo ekisenge kya kiragala. Tugenda kubeera mu kisenge kya kitaketaake. Nngenda kubeera mabega mu nsonda. Ddokita. Mead ajja kutuula ku ddyo. Omusajja oyo omuddugavu ne mukyala we bajja kutuula wano, n'ebirala n'ebirala. Wajja kubaawo kabona wa Buddha ng'atudde ku ddyo wange ewala ddala, era ne engeri gye bajja okwambala mu." Era ne nngamba,

271 "Omanyi kye kiri, Tommy. Ekibiina kyo eky'abaweereza b'e Chicago ekikulu bagenda kunsomooza ku kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Ba Greater Chicago Ministerial Association bagenda kunsomooza ku bukakafu obw'OMwoyo Omutukuvu okwogera mu nnimi. Bagenda kunsomooza ku zzadde ly'omusota, era ne kukubuulira ekisa."

Tommy yatunula n'agamba, "Obulungi n'ekisa." Yagamba, "Sirowoozanga nagenda n'okugenda."

Bwe yagamba. Ne nngamba, "Weewaawo, jangu."

272 Era olunaku olwaddirira, omusajja eyali asasuddwako ekitundu, yamudiza zeyali asasuddeko, nagamba, " Tulina abakubi b'ebyuma . Bakisasulako, netwerabira, era kyali kitubuzeeko; era tubadde tuteekwa okukiwa abakubi b'ebyuma, era tosobola kukifuna." Era netugenda mu kibuga ne mugggwanga.

273 Nennyingira ku makya ago, bonna ne bayimirira. Bwe natuula emabega w'emmeeza, emabega eyo, nga nnindirira, nga bamazze okulya eky'enkya, nabatunuulira bonna okwetooloola bwe ntyo. Twalya eky'enkya mu kisenge, ne tufuluma, ne tutuula eyo, era nga baabo aba Greater Ministerial Association of Chicago. Era ne mbatunuulira okwetooloola. Buli omu yeyanjula nga Ddokita Ph.D., LL., Q.U.S.T. era bonna n'ebitiibwa bwe bityo. Nze natuulabutuuzi ne

yange. Era nekirabika nga obudde obwaali obubi.

107 Bangi ku mmwe mujjukira okwolesebwa. Kwawandiikibwa mu kitabo kyange eky'okwolesebwa. Mbiwandiika wansi nsobole obutabyerabira.

108 Ne mukwolesebwa kuno kwe nnalaba, waliwo ekintu ekyali kizze okuyita mu luguudo, era waaliwo amayinja wonna mu lujja lwange. Era waaliwo zitulakkita z'enguudo awamu n'ebyasa amayinja waggulu ne wansi ku kkubo, era emiti gyali gisaliddwa era nga gisiguddwayo. Era n'entandika okukyuka okudda eri wankaaki, naye nga wonna wazibiddwa n'amayinja. Ne nvaayo okugamba omusajja, "Lwaki kino?" Era n'afuuka mukambwe nnyo, nnansindika emabega era n'agamba, "Mmwe ababuulizi bwe mutyo."

109 Ne nngamba, "Nkubuuza bubuuza, lwaki mukola kino? Mmwe– mmwe mujja ku ludda lwange olw'ekkubo wano. Lwaki mukola kino?" Kumpi ankube oluuyi era nnansindika emabega bwatyo.

110 Era nnalowooza, "Nngenda kumugamba bugambi tamanyi kiki kyayogerako," eddoboozi n'eryogera, nnerigamba, "Tokikola ekyo. Oli muweereza."

Ne nngamba, "Kirungi ddala."

111 Era n'enkyuka, era ku ddyo wange, ekyaliwo mu maaso ga wankaaki, waliwo eggaali ey'edda ewalulwa embalaasi. Bw'oba nga omanyi ki: ekiggaali ekibikiddwako, nga esibiddwako embalaasi. Era eyali awo ku ludda olulala olwa dereeva yali mukyala wange. Natunula emabega, era nga abaana bange bali awo emabega. Nneninnya ku kiggaali. Ne nngamba mukyala wange, "Ow'omukwano, ngumiikiriza byonna bye nsobola okugumiikiriza." Ne nkwaata ebisiba, ne nsika embalaasi eyakataketake, nentandika okugenda ebugwanjuba. Era eddoboozi nerinngamba, "Kino bwe kituukiriranga, olwo genda ebugwanjuba."

112 Ow'oluganda Wood, omuzimbi wano mu kkanisa, era omuwanika… Bameka abajjukira okwolesebwa kati? Mujjukira nga mbabuulira? Mazima. Kiwandiikiddwa ku lupapula. Era nnagamba Ow'oluganda Wood. Yagula okuva ku kkanisa poloti eno wakati awo. Era yali agenda kuzimba ennyumba eyamayinja awo. Ne nngamba, "Tokikola, Ow'oluganda Wood, kubanga tebagenda kukuliyirira ssente zo mu yo." Oba olyawo osanga … Ekyo kyaliwo emyaka gyebuvuddeko, emyaka ettaano gyebuvuddeko, n'agamba, "Bagenda kuyisa osanga olutindo olwo awo, era amayinja ago ge gaali osanga omusingi gwange nga gwasidwayasiddwa era we ntambulira n'ebintu nga biri awo. Mu kifo ky'okubeera amayinja, byali bitundutundu bya nkokoto, era bagenda kuteekawo ekyo wano; kubanga bagambye mu mawulire ekyo kye bagezaako okukola. Kale, teyagizimba. Oluvannyuma baasalawo oluvannyuma lw'omwaka gumu, oba ebiri, baali bagenda kuluyisa awo. Kale ekyo kyamala, kale ne nkyerabira, ne nkireka.

113 Kati, ekintu ekitali kya bulijjo kyabaawo omwaka nga gumu emabega. Nnali nina olukunngaana ekiro kimu wansi ewa Ow'oluganda Junior Jackson, atudde wano, omuweereza Omubaputisiti eyafuna Omwoyo Omutukuvu era eyabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, era asumba ku zimu ku kkanisa bwetukwatagana.

114 Njagala kubalaga bulazi engeri Katonda gyakolaganamu n'abantu be… Njogera kino n'omutima gwange gwonna. Simanyi yo kibiina kyonna mu nsi yonna, ekibiina ekiri awamu, wenzikiriza nga Omwoyo gwa Katonda we guli

okusinga mu kibiina kino. Balina ejawukana zaabwe. Mazima bakakafu tebali webagwanira kubeera, tewali n'omu ku ffe, naye bali bumu okusinga abantu abalala bonna bemanyi.

115 Kati, mbalaga, nga mmanyi ekyali kigenda okubaawo, Ow'oluganda Jackson yaloota ekirooto. Yali talina bwakyewala. Era nnali okuva ku kkanisa, nga takyasobola kukigumiikiriza. Kituute bbanga ki Ow'oluganda Jackson? (Ow'oluganda Jackson addamu, "Nnalina ekirooto omwezi Ogw'okubiri mu 1961."—Omuwa.)

116 Omwezi Ogw'okubiri mu 1961 yalina ekirooto. Era n'ajja gye ndi, n'agamba, "Waliwo ekintu ekiri ku mutima gwange; kyenteekeddwa okukubuulira, Ow'oluganda Branham."

Ne nngamba, "Genda mu maaso, Ow'oluganda Jackson."

117 Era n'agamba, "Naloota ekirooto," era n'akyogera. Nze n'entuula butuuzi ne mpuliriza. Era ne mpuliriza ne netegereza. Yagamba, "Nnaloota nga waliwo olusozi olw'ekitalo olunene, nga mu kibangirizi awaali omuddo ogwa bbulu, oba ekintu we kyaali." Era n'agamba, "Waggulu ku ntikko y'olusozi luno, amazzi wegaali ganaaziza ettaka, waliwo olwazi olw'okungulu ku ntikko y'olusozi; nga – entikko y'olusozi. Lwali lwazi, nga tewali muddo. Era amazzi we gaali ganaaziza, obuwandiike bwali bwoleddwa ku mayinja gano, era wali oyimiridde awo nga ovvuunula obuwandiike ku mayinja gano." Era n'agamba, " Bwonna…" Eno ye ngeri gyeyakyogeramu, yagamba, "Ab'oluganda okuva e Georgia, n'okuva wonna okwetooloola, ffena twali tuyimiridde awo wamu, nga tukuwuliriza nga ovvuunula obuwandiike obwo obutaali bwa bulijjo ku mayinja ago ku lusozi olwo."

118 Era n'agamba, "Awo n'okwata ekintu, nga okuva mu bbanga, ekintu nga akatayimbwa akasala, oba – akatayibwa akaliko awasongonvu," Si bwe kyali, ow'oluganda? Ekintu nga bw'ekityo, akatayibwa akasala, nga koogi ddala, era n'agamba, "Engeri gye wakikolamu, simanyi." Era n'agamba, "Wakuba etikko y'olusozi olwo, n'oluyuza okwetooloola, n'oggyako olubiko lwakwo. Olusozi lwali mu kikula kya piramiddi (pyramid). Era n'oggyako eky'okungulu kya lwo." Kati, ekyo kyali myezi na myezi nga obubaka bwa piramiddi tebunnabuulirwa. Era n'agamba, "Wansi w'ekyo waaliwo ejinja eryeru, olwazi, era n'ogamba, 'Enjuba, oba omusana, gwaali tegulyakangako. Mutunuulire kino. Mwetegereze kino.'''

119 Era ekyo kituufu, kubanga mu kutondebwa kw'ensi, ensi yakolebwa nga ekitangaala tekinnabaawo. Ffenna ekyo tukimanyi. Katonda yatambula kungulu ku mazzi, era – era awo mu lubereberye Yayogera ekitangaala. Era mu buzaaliranwa, wansi awo eyo edda nga lukolebwa, omusana gwali tegwakangako ku jjinja lino.

120 N'agamba, "Mutunuulire ku kino. Omusana tegulyakangako." Bonna bwe bayimuka, ne mbagamba batunuulire ekyo, era bonna ne bajja okukitunuulira. Naye yagamba nga bakyakitunuulira, yatunula okuyita mu nsonda y'eliiso lye, nzikiriza bwe kyali, era n'antunuulira, ne nvaawo mpola ku ludda olumu era ne ntandika okugenda ebugwanjuba, awo enjuba bwe yali ng'egwa, nga bwe ninnya olusozi, nga bwe nzikirira ku lusozi, nga bwe ninnya olusozi, nga bwe nzikirira, nga bwe ntoniwa era ne ntoniwa, ne nngenda paka bwe nabulirayo.

ekibiina ky'eddiini. Ekintu kye kimu, Abapentekoote, Baputisiti, Pulisebetereyaani, Luuzalini; buli omu akozze ekintu kye kimu, bakyuse ne bakola ekintu kye kimu. Bayibuli egamba mu Okubikkulirwa 17 ekyo kye balikola: Maama omwenzi ow'edda ne bawala be, ekyama Babulooni.

260 Bayibuli egamba wano ekyo kye kimu ku byama ebigenda okwanjululizibwa. Abapolotesitanti, abenzi nga bakola obwenzi bw'omwoyo, nga bakulembera abantu na kibiina kya ddiini n'ekikompe kyabwe eky'obujjemu eky'enjigiriza y'abantu, nga babawalula okubaggya ku nsulo ejjudde Omusaayi, amaanyi ga Katonda Ayinza byonna wegakulukutira obwereere okulabisa Yesu Kristo.

261 Ekyo bwe kiba nga kituufu, Katonda ajja kukiwagira; era Akikozze; era Ajja kweyongera. Naye ekyo bwe kituukira, Ekigambo nga kituukiridde.

262 Kati, waliwo ekintu kimu kyokka ekisigadde. Bye bibwatuka omusanvu bye tutamanyi; era tebyandibwatukidde bwereere. Katonda taliko kintu kyakola nga asaaga. Ffe tuzanya era ne tweeyisa bubi, naye si Katonda. Buli kimu eri Katonda kiri "weewaawo oba si weewaawo." Talimba. Tasaaga. Ategeeza kyayogera, era talinako kyayogera okuggyako nga waliwo kye kitegeeza.

263 Era ebibwatuka omusanvu wano mu kubikkulirwa kwa Yesu Kristo, kyama. Bayibuli tegamba nti kuno kwe kubikkulirwa kwa Yesu Kristo? Lwaki, waliwo kale ekyama kyakyo ekikwekeddwa. Kye ki? Ebibwatuka omusanvu bye bikirina. Kubanga Yokaana yali ng'agenda okubiwandiika, eddoboozi neriva mu ggulu, nerigamba, "Tobiwandiika. Naye bisseko akabonero. Bisseko akabonero. Biteeke emabega w'Ekitabo." Biteekwa okubikkulwa. Bye byama.

264 Kati, twatereeza ebintu bino ku bw'Omwoyo Omutukuvu. Kyatubuulirwa nti tezaali appo; kyali kyakwegatta kwa mukazi na musajja. Yatubuulira ebintu bino… Tewaliwo- n'omu asobola okuyimirira mu maaso gaakyo. Sirabangayo mubuulizi mu bulamu bwange akiriziganya nakyo. Naye mbabuuziza.

265 Mumanyi mu Chicago, bwe twayimirira mu maaso gaabwe, ababuulizi nga bissatu mwa ttaano. Mmwe abakazi wano okuva e Chicago; mwaliyo, mwakiwulirako. Mukama yakingamba ennaku ssatu nga tekinnaba. Yagamba, "Bagenda ku kutega akatego." Yagamba, "Yimirira ku ddiriiisa eyo, era nnakulaga." Yagamba, "Omwami Carlson ne—ne Tommy Hicks bajja kukusisinkana enkya ku makya era nga baagala okugenda ku kijjulo ky'enkya, era gamba Tommy asigale." Naye yagamba, "Bw'ekitti bwe kijja okufaanana: Bagambe nti tebagenda kuba nalukunngaana olwo mu kifo ekyo kye balowoozaako. Bagenda kubeera mu kifo kirala." Yagamba, "Totya; Nja kubeera naawe." Ekyo kirungi nnyo gye ndi.

266 Amakya agadirira Omwami. Carlson, omukulembeze wa Full Gospel Business Men, yajja nagamba—yampita n'anngamba, "Ow'oluganda Branham, njagala kugenda ku ky'enkya naawe."

Ne nngamba, "Kirungi." Ne nngamba, "Laba nga Tommy Hicks nga naye abaayo."

Yagenda wansi mu Kibuga ne mu Kyalo, n'agamba, "Kati, Ow'oluganda Branham, oh kino kyewuunyisa…"

Ne nngamba, "Tommy, oyinza okunyamba?"

"Mazima, Ow'oluganda Branham."

267 Ne nngamba, "Simanyi oba oyinza okwogera ku lwange?"

emabega. Nga byonna biwedde, awo ebibwatuka ebyo omusanvu bye byokka ebiri ku Kitabo, ebitabikkuddwa. Tebiwandiikiddwa na mu Kitabo.

254 Oh, abange. Singa ekyo nsobola okukimanyisa abantu era ddala… Temulemererwa; temukikola—temulemererwa, mbegayiridde temulemererwa ku mulundi guno. Nngenda kubavaako. Temulemererwa. Bwe muba nga mwali muwulirizaako, muwulirize. Obubonero buno buli mabega wa Kitabo, era mu kiseera malayika ow'omusanvu ng'afuuwa, ebyama byonna ebyawandiikibwa mu Kitabo bituukirira. Era mangu ddala, Ekitabo ekyali kibikkuddwa nga kyawandiikibwa munda, kibikkibwaako. Ebyama bya Katonda nga bituukiridde; era bino bye byama bya Katonda, okugenda kw'ekkanisa, awamu n'ebintu bino byonna ebirala. Ebyama biba biwedde.

255 Malayika oyo ow'omusanvu bwafuuwa buli kyama, nga kiwedde. Leka abeere ani oba ani. Kyonna kye kiyinza okuba. Ekigambo kya Katonda tekiremererwa, era yagamba,

256 Naye mu nnaku z'eddoboozi lya malayika ow'omusanvu, bwalitandika okufuuwa, ekyama kya Katonda ne kiryoka kituukira, nga bwe yabuulira abaddu be bannabbi.

257 Ebintu ebyo byonna, nga oh, Ruumi okuba—omwenzi, ne gonna amakkanisa amapolotesitanti, ebibiina by'amaddiini, nga bakola ebibiina by'addiini okufaanana nga yo gafuuse abenda nayo. Olaba, ebyama bino byonna bannabbi bye bayogerako bijja kubikkulwa mu ssaawa eno eseembayo. Ne malayika ono ow'omusanvu bwagolokoka mu mulembe gwa Lawodikiya era n'atandika okufuuwa ekkonderere lye… Kubanga kijja kuba kiwakanya, tebajja kukikkiriza. Tebajja mazima kukikkiriza. Naye ajja kuba nnabbi alunngamiziddwa, kubanga tewali ngeri yonna yakukiyiiyaamu. Abantu bagezaako okuyiiya obusatu (trinity) ne bamera envi era nebalaluka. Tewali asobola kukitegeera. Bakyakkiriza nti Kaawa yalya appo, era n'ebintu ebyo. Kubanga ke kalombolombo abantu kebeekuteko, ddala nga Yesu bweyasanga ekkanisa. Naye ateekwa okuba nnabbi akulemberwa Katonda olw'Ekigambo kya Katonda okujja gy'ali n'okuvvuunula okutuufu okw'okubikkulirwa kwa Yesu Kristo. Kale n'olwekyo—kiteekwa kuba bwekityo. Katonda tuyambe.

258 Kati, okufuuwa kwe bwe kwagenda… Kati, ekyo kiri BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA. Ekyo tukirina bulungi. Bwafuuwa obubaka bwe, alangirira olutalo, nga Pawulo bwe yakola ku Abayudaaya (orthodox), nga n'abalala bwe baakola, nga Luther, Wesley, ku bibiina, bw'alangirira olutalo, n'abagamba nti balimba, era nti si ge mazima, nti era balimba abantu; bwafuuwa ekyo, tosobola kulemererwa, tekijja kulemererwa kubanga ajja kuba – akakasibwa na Kigambo kya Katonda. Mujja kumanyira ddala kiki kye kiri. Era bw'akikola, afuuwa okuyita okuva mu Babulooni, "Mukifulumemu, abantu bange, muleme okussa ekimu n'ebibi bye." Katonda musindeke. Tokisubwa.

259 Kati, bwatandika okufuuwa, ekyama kijja kutuukirira. Kati, wetegereze. Olwo kiba kye kiseera eky'amaloboozi omusanvu ag'Okubikkulirwa 10 agassibwako obubonero okubikkulwa. Mukitegeera? Ebyama byonna eby'Ekitabo nga biwedde, era Bayibuli yagamba wano nti ajja kutuukiriza ebyama byonna… Abasajja edda mu mirembe emirala bwe baalwanirira amazima; baalwanirira okuggibwako omusango; beewuunya lwaki. Okutukuzibwa, baalwanirira kino, ne balwanirira kiri, ne balwanirira kino. Baakola ki? Bakyuka nate na bakikolamu

121 Kale n'agamba, bwe nakikola ekyo … yagamba, "Awo ab'oluganda bakyuka oluvannyuma lwa akaseera, ne bagamba, 'Abuzeewo? Alazeewa ?'" Era n'agamba, "Abamu bakwaata eri, abalala ne bakwaata ekkubo erimu, n'abalala eddala, naye batono nnyo abaasigala ne batunuulira kye nnali mbagambye."

122 Kati, wetegereze, okuvvuunula kw'ekirooto, kye sirinako yadde n'ekimu kye namugambako, oba n'omu ku bano gwe nnali mbuuliddeko. Naye nagamba, "Yee," nga omutima gwange gukankana, Nali netegereza. Kati, obuwandiike obutategeerekeka… Lindako; Nja kukirekako katono.

123 Si dda nnyo, Ow'oluganda Beeler… Ow'oluganda Beeler bulijjo abeera naffe. Ow'oluganda Beeler w'oli wano? Yee, emabega wano. Billy yagamba, "Ow'oluganda Beeler yenna mweraliirivu. Yabadde n'ekirooto ekitali kya bulijjo." Nnagenda eri Ow'oluganda Beeler, era n'agamba, eyo wansi mu nnyumba ye ekiro kimu bwe nnali nga nngenda okuba amasimu. N'agamba, "Ow'oluganda Branham, nnabadde n'ekirooto ekitali kya bulijjo." Yagamba, "Nnaloose nga nseyeeyeza ku mazzi agakulukutira ebugwanjuba. Era waaliwo ekkubo ku ludda olwa kkono, era nnali ku ludda olwa kkono, nga nngenda ebugwanjuba mu kkubo, nga kiringanga, anoonya ente. Era ku ludda olwa ddyo, nnalina kye nnalaba nga mmaze okutuuka wansi eyo, nga w'oli awo. Era wali ozingako eggana ly'ente, era waaliwo omuddo mungi awo. "Era n'agamba, "Awo n'ofuna ente ezo era n'otandika okuzizza emabega w'omugga." Era kiribika nga eyamunyenyeza omutwe yetegereze ente ezo, era n'agamba, "Kati, kijja kuzibeerera kyangu ente ezzo; mmanyi nga zijja kugenda n'okuwaliririzibwa kutono; naye Ow'oluganda Branham ayagala zisigale ku ludda olwa ddyo olw'omugga. Kale nja kuddayo waggulu emabega mu kkubo lino, nzikuume obutasala mugga kudda ku ludda luno era nzikuumire ku ludda olwo," naye yetegereza, saagoberera ente, naye neyongerayo ebugwanjuba.

124 Yagamba, "Ateekwa okuba anoonya ezibuze."

125 Mangu nga yakamala okwogera ekirooto, nakiraba. Era awo oluvannyuma, wetegereze, yagamba yafuna okweraliikirira okutonotono ku nze, kale naddayo okulaba. N'agamba nnali ntuuka ku lusozi. Omulundi gumu ne mbulawo. Era nneyeewuunya buzibuki. N'agenda wansi, era awo n'alaba n'omugga ku ludda lwe ogukulukutira ku kkono (Ndowooza ekyo kituufu, Ow'oluganda Beeler. Weewaawo.) Era nnalaba okuva—ku ludda lwange kwaliko ebiyiriro eby'amaanyi. Era awo, nnalowooza nti nyinza okuba nga nyingidde mu biyiriro ebyo era--era ne nzikirira. Awo n'alaba, era yagamba yatunula okwetooloola n'alaba omukululo gwe biyiriro ebyo nga gukiridde wansi eno, era byali bireetawo ensulo; naye amazzi gali tegaddayo mu ttaka. Yatunula ku nsulo entono, oba omugga omutono, era n'alaba obusolo obutono nga bulina amatu ametoloovu. Era yagamba, "Ndowooza nja kutwalako kamu." Awo n'asomoka.

126 Awo n'atandika okundowoozaako. N'alinnya ekifunvu okulingiza alabe oba nga waliwo, omusetwe omanyi, nti osanga lwe nnali ntambuliddemu, naye n'agamba, "Tewaaliwo kintu kyonna." Era neyeraliikirira n'agamba, "Kiki ekibadde ku muganda waffe? Neewuunya kiki ekibadde ku Ow'oluganda Branham?" Era bwe yatya, yampulira nga njogera. Nnali nnyimiridde ku ntikko y'olusozi, era ne mbuulira Ow'oluganda Beeler amakulu g'ekirooto kye nnali muwadde gyebuvuddeko katono, era nemugamba okulindirira Mukama, nti olunaku lumu nja kumusanga ku kizinga era wuuyo nga waali.

127 Kati, okuvvuunulwa kw'ekirooto ekyo kwe kuno: So omugga mu kubeera omunene, gwaali Mugga ogw'Obulamu. Nnali nngenda ebugwanjuba ku gwo, era naye bwatyo, kubanga yali agenda… Yali addukira mu kkubo lino, era ku ludda olulala kwaliko omuddo mungi, naye nga ebisaka bingi, amaggwa n'ekibira. Naye omwo nga mulimu omuddo mungi. Eyo ye ngeri gyetunoonyamu Mukama, n'emmere ya Mukama, okuyita mu buzibu. Okukunnganya ente kwali kkanisa eno, okuzikuumira ku ludda olwo. Ente mazima zijja kutambulira ku luguudo olwangu, ekibiina ky'eddiini, bwe baba basobola, oluguudo lwakiikirira ekibiina ky'eddiini.

128 Nnamuzaayo emabega mu kkubo okulaba nga tebagenda eri kibiina kya ddiini yonna. Mu kulaba ekisinge, ekyali kitasoboka kuyitwaamu yadde, ekyanemesa okugenda ebugwanjuba yeyali esonga eyo ey'omusolo ne gavumenti. Tewali n'omu ayinza kutegeera bwe nakiyitamu. Kyali kisinge ekyanziyiza, naye Mukama yakimpisaamu, era ne nkivuunuka. Nja kukusanga, Ow'oluganda Beeler, ku kizinga.

129 Kale kati, awo oluvannyuma ddala lw'ebyo, Ow'oluganda Roy Roberson… Ow'oluganda Roy, w'oli wano leero? Yee, Nzi—nzikkiriza … Kiki? W'ali ku ludda olwo. Yampita, era yalina ekirooto. Era naloota nga tukunnganya ente (Kati, ekyo kye ky'okussatu.), okunnganya ente. Era waaliwo omuddo mungi, emmere nnyingi. Ffenna ab'oluganda twali wamu. Era tugenda mu kifo awamu olw'ekijjulo, Ow'oluganda Fred Sothmann yayimuka n'agamba, "Eriya, nnabbi ow'ekitalo, aja kwogerera wano leero ku ssaawa mukaaga." Kati awo ffenna bwetamala okulya ekijjulo, buli omu n'agenda, era ne yeewuunnya lwaki tebaalinda kuwulira nga kyogerebwa.

130 Kati, laba ekyo bwe kikwataganira ddala ne ky'Ow'oluganda Jackson? Laba ekyo ddala, kikwataganira ddala ne ky'Ow'oluganda Beeler kyeyagamba? Tewali yalindirira kulaba.

131 Wetegereze, oluvannyuma ddala lw'ekyo, Mwannyinaffe Collins (W'oli wano, Mwannyinaffe Collins?), yaloota ekirooto nga ali wano ku kkanisa, era waaliwo embaga eyali egenda okubaawo. Era bwe yakikola, yalaba anaawasa omugole nga ayingira nga atuukiridde, naye omugole yali nga tatuukiridde bulungi, naye nga ate ye yali omugole. Kati, eyo ye kkanisa. Era waaliwo nga okusembera ku mmeeza ya Mukama, oba olu—olukunngaana, olugenda mu maaso wano, nga ekijjulo nkiteekebwateekebwa. Era ne kiba nga ekimutuukako kubanga mbu Ow'oluganda Neville yali agabula ekijjulo mu kkanisa, naye yagamba yali emmere esinga obulungi gye yali alabyeko. Enjala yali emuluma nnyo. Naye yalowooza osanga mu kirooto nti teyandigigabudde, era ye ne Ow'oluganda Willard baali bagenda kugenda e Ranch House era balye. Era bwe bakikola, ekitangaala ku ludda olwa ddyo kyafuluma. Kati mumanyi ekyo kyekitegeeza.

132 Kati, emmere: Omugole tatuukiridde, naye Anaawasa omugole atuukiridde. Omugole tannaba kutuukirira, naye emmere eyali egabulwa teyali mmere ya bulijjo; Mmere ya mwoyo gye mubaddenga nayo bulijjo. Ka nkome wano ku kirooto ekyo eky'oku nna, lindako katono.

133 Tojjukira Ow'oluganda Fred Sothmann, Ow'oluganda Banks Wood, bwe twali eyo mu Arizona omwaka oguwedde; bwetwali eyo nga tuyigga embizzi ez'omusiko, Mukama n'ayogera. Temumanyi ebintu bye Yakola nga obulungi

245 Wetegereze, Ekitabo ekiwandiikiddwa… malayika ono bwatuukiriza buno obuweereza bwonna obutatuukiridde okuyita mu lutalo lwe baalwana, Luther yalwana, Wesley yalwana n'Abapentekoote baalwaana, naye waliwo omu ajja, Bayibuli egamba, nti mu nnaku z'okufuuwa kwe, ebyama bino byonna … Aba Oneness (Yesu Yekka) baawaaba ku Linnya lya Yesu. Aba trinity (bakatonda abasatu) bawaaba na Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, ddala nga bwe baakola mu lukiiko lw'e Nikyeya: ekintu kyekimu. Bombi baali bakyamu. Naye kati, wakati mu kkubo, mu Byawandiikibwa we wali amazima. Mulaba wa we tuli? Malayika wa Mukama…

Wetegereze, Okubikkulirwa 5: 1. Wuliriza kino kati.

246 Era ne ndaba mu mukono ogwa ddyo ogwoyo atudde ku ntebe ekitabo ekiwandiikiddwa munda… (Obuwandiike bwaali munda.) … ne kungulu, nga kisibiddwa nnyo n'obubonero musanvu.

247 Kati, waliwo obuwandiike munda w'Ekitabo, naye kungulu waliwo obubonero musanvu emabega wakyo obutawandiikibwa mu Kitabo. Kati, ono omubikkuzi yayogera: Yokaana. Kati, jjukira, tebyawandiikibwa mu Kitabo. "Naye mu nnaku z'eddoboozi lya malayika ow'omusanvu ekyama kino kyonna ekyawandiikibwa munda kigenda kituukirira." Kigenda kokolebwako mu lunaku olwo. Kati, mulaba kyentegeeza? Mugoberera?

248 Olwo kati kye kiseera eky'amaloboozi omusanvu ag'Okubikkulirwa 10 okubikkulwa. Ekitabo nga kiwedde, waba waliyo ekintu kimu kyokka ekisigaddeyo, era ekyo ge maloboozi omusanvu ag'ekibwatuka ag'ekyama agawandiikibwa kungulu kw'Ekitabo Yokaana geyagaanibwa okuwandiika. Ka nkisome.

249 Ne ndaba malayika--malayika ow'amaanyi ng'aka okuva mu ggulu, ng'ayambadde ekire; ne musoke ng'ali ku mutwe gwe, n'amaaso ge ng'enjuba, n'ebigere bye ng'empagi ez'omuliro.

250 Era yalina mu mukono gwe akatabo akabikkuse:… (Olaba, kati mwekkaanye kino.)… n'ateeka ekigere kye ekya ddyo ku nnyanja,…ekigere kye ekya kkono ku nsi.

251 N'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene, ng'empologoma bw'ewuluguma: era bwe yayogerera waggulu, ebibwatuka omusanvu ne byogera amaloboozi gaabyo. (Mwekkaanye.).

Ebibwatuka omusanvu bwe byayogera amaloboozi gaabyo, nnali nga nngenda okuwandiika:

Waliwo ekyayogerwa. Tekyali ddoboozi buloboozi. Waliwo ekyayogerwa. Yali ng'agenda kuwandiika.

… Ne mpulira eddoboozi eriva mu ggulu nga lyogera nti…

Laba amaloboozi we gaali mu bibwatuka, si mu ggulu, ku nsi. Ebibwatuka tebyayogerera mu ggulu; byayogerera ku nsi.

252 Nnali nga nngenda okuwandiika: ne mpulira eddoboozi eriva mu ggulu nga lyogera nti, Teeka Akabonero… (Ennyukuta nnene A-ka-bo-ne-ro) … Teeka Akabonero kw'ebyo ebibwatuka omusanvu bye byogedde, so tobiwandiika.

253 Biri kungulu. Nga ekitabo kiweddeko… Kati, teyagamba mu maaso; yagamba

238 Naye mu nnaku z'eddoboozi lya malayika ow'omusanvu,… (malayika asembayo) … bwalitandika okufuuwa, ekyama kya Katonda ne kiryoka kituukirira…

239 Kati, ekyama kya Katonda kye ki… ekimu ku byo? Pawulo yagamba mu Timoseewo Ekisooka 3, nzikiriza bwe kyali, yagamba, "Awatali kubuusabuusa ekyama eky'okutya Katonda kye kikulu… Katonda yalabisibwa mu mubiri." Twamukwatako, Twamulaba, Natwalibwa mu kitiibwa. Nalabibwa bamalayika, yakakasibwa wano ku nsi. Katonda bwe yali.

240 Mazima, kyama ky'akitalo, naye kyonna kiterezeddwa: si Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, Bakatonda abassatu, naye Katonda Omu mu woofiisi ssatu. Nga Kitaffe mu kiseera kya Musa, ng'Omwana mu kiseera kya Kristo, ng'Omwoyo Omutukuvu mu kiseera kino: Okukola okw'emirundi essatu okwa Katonda y'omu, si Bakatonda bassatu.

Ekyama kituukiriziddwa kati. Bayibuli yagamba kigwanidde okuba.

241 Bwe ba… Nnalaba olunaku luli bannasaayansi nga bagezaako okuwakanya ebyange mu bye bagamba. Bwe nagamba, "Omuntu yenna eyakkiriza nti Kaawa yalya appo…" Kati, bo—ssaayansi yagamba, mwalaba mu mpapula olunaku luli emitwe emikulu, yalya apricoti. Byabutaliimu. Ekyo kyali kisobola okumulimba? Oh, mazima nedda. Olaba, ba… Ekyo—ekyo Kayini kye yalowooza, okimanyi. Yaleeta ekintu kyekimu, naye Katonda teyasiima ssadaaka ye; naye Abiri, omutuukirivu, kyamubikkulirwa nga gwali musaayi, era n'aleeta omusaayi. Ayi Katonda, ekkanisa eno n'omulembe gwetulimu…

242 Ekitabo ekiwandiikiddwa munda kimalirizibwa malayika ono ng'amaze. Kati, mbegayiridde mukitegeere kino. Obubaka bwa malayika ow'omusanvu nga butukiridde, ekyama eky'Obulamba bwa Katonda, ekyama ky'ezzadde ly'omusota, ebyama ebirala byonna eby'ebintu bino, omwana ataggwaawo, nga bwe bakyogerako. Ayinza atya okuba omwana ataggwaawo, nga obutaggwaawo tebuliko ntandikwa newakubadde ekikomo? Omwana kye kintu ekizaaliddwa. Kiyinza kitya okukola amakulu?

243 Wayinza watya okubaawo ggeyeena ataggwaawo, nga ggeyeena yatondebwa? Nzikiriza waliwo ggeyeena ey'okya. Mazima. Bayibuli bweyagamba, naye yakuzikiriza. Bayibuli yagamba, "Alina omukisa oyo atali mugabo mu kufa okw'okubiri." Olaba? Olaba, togenda kuzirizibwa kufa kw'okubiri. Okusooka kwa mubiri. Okw'okubiri kufa kwa mwoyo olwo buli kimu kiba kiwedde. Emmeeme ekola ekibi, emmeeme eyo ye erifa. Ojja kubonerezebwa olw'ebibi byo, osanga okumala emyaka bikumi na bikumi—emyaka nkumi na nkumi, naye tewasobola kubaawo ggeyeena etaggwaawo, kubanga Bayibuli egamba ggeyeena yatondebwa. Eyinza etya okuba nga yatondebwa ate neeba etaggwaawo? Bwewaba nga wali wabaddewoko… Bayibuli egamba ggeyeena yatondebwa kulwa setaani ne bamalayika be. Kale oba nga yatondebwa, tesobola kubeera etaggwaawo; kubanga ekitaggwaawo tekirina ntadikwa newakubadde enkomerero.

244 Eyo ye ngeri gye tutayinza kufa, kubanga twaliwo lubeerera. Tuli kitundu ku Katonda, abaana ba Katonda. Era ye yekka Ekintu ekitaggwaawo. Tosobola kufa nga Katonda bwatasobola kufa, kubanga oli ataggwaawo wamu Naye. Amiina. Leka kijje (Aleruuya.), tukooye omubiri omukadde guno ogujjudde endwadde.

ddala, nga alaga ekigenda okubaawo, nga bwetwali tugenda mu kkubo. Ekyo bwe kiba ekituufu, mwe ab'oluganda ababiri mugambe, "Amiina." Tekirimererwangako…

134 Era nalaba mu kwolesebwa bwe twaali tuvuga olunaku lumu; okwo—okwolesebwa kwa Mukama kwajja gye ndi, era nnali neteeketeeka mu kiseera, bwe nadda eka, okugenda emitala w'amayanja. Era bwe nagenda emitala w'amayanja, kati, nalaba ku meeri –oba ku ludda lw'enyanja, emmeeri wezifulumira. Era waaliwo omusajja omumpi awo, n'agamba, "Nkuteekeddeteekedde eryato kululwo, Ow'oluganda Branham." Naye lyali tonotono,-- nga—nga ekigire obuwanvu, naye lyali lyeru nga omuzira. Era n'anngamba, "Lino liryo lya kusomokeramu."

"Oh," ne nngamba, "Te—te –terimala."

Yagamba, "Lidduka mayiro ana buli ssaawa okwetooloola eno n'eri." Ekyo kwe kugenda n'okudda ku lubalama.

135 "Naye," ne nngamba, "Terisobola kunsomosa." Awo naatunula wansi, n'agamba, "Genda nga bwe bagenda." Ne ntunula, era nga waliwo Ow'oluganda Fred Sothmann n'Ow'oluganda Banks Wood nga batudde mukaato akasiigiddwa kiragala, nga kaliko emiguwa emabega, Ow'oluganda Banks n'enkofiira ekyusiddwa bw'eti, Ow'oluganda Fred naasibako biiru ye. N'agamba, "Genda nga bo."

Ne nngamba, "Nedda, sijjagenda." Era omusajja ono n'abagamba, omusajja omutono, n'agamba, "Musabaza abantu n'amaato?"

Ow'oluganda Banks n'agamba, "Yee."

Ow'oluganda Fred n'agamba, "Yee."

Naye ne nngamba, "Si kituufu. Nze nsabaza abantu ku maato, era mmanyi sisobola kugenda olw'ekyo, era ndi mukakafu nnali sisobola kugenda eyo."

Yagamba, "Lwaki togenda nabo?" Ne nngamba, " Nedda, nedda."

Kale, nakyuka, era bwe nakikola, omusajja omutono eyali webatikkira yafuuka mukwano gwange, Ow'oluganda Arganbright.

136 Ne nzirayo mukwolesebwa, era newabaawo ekizimbe ekitono ekiwanvu, era awo eddoboozi n'erinngamba… Era mwenna mu kijjukira kino, oba bangi ku mmwe. Eddoboozi lyanngamba, "Leeta emmere. Gitereke. Eyo ye ngeri yokka ey'okubakuumiramu wano, kwe kubawa emmere." Era ne ndeeta –ne ndeeta endebe ezijjudde kaloti n'enva ezisinga obulungi, ne bintu bye nnali ndabye. Mujjukira kati okwolesebwa? Kati… Era nababuulira oluvannyuma amakulu bwe gaali. Nnali nteekwa okugenda e Zurich, Switzerland, n'Ow'oluganda Arganbright okumala ennaku ttaano. Nakibuulira ab'oluganda nga tekinnabaawo, "Sija kugenda."

Era nnali eyo n'ow'oluganda Welch Evans, eyo wansi, bwe na—bwe nawa amakulu.

137 Ekiro kimu, nzikiriza Ow'oluganda Welch yajja nansanga; twaali tugenda mu lugendo lwa kuvvuba, n'agamba Ow'oluganda Arganbright yali ampita . Ne nngamba, "Kale, kikino wano. Bagenda kunziggyamu." Era emirundi mingi, si okuyita mu w'Oluganda Miner, y'omu ku mikwano egisinga obulungi, naye ebiseera ebimu, singa basobola … Singa balowooza nti ogenda kubuulira ekintu ekikontana n'enjigiriza yaabwe, bagamba bugambi nti ogenda kugenda eyo

weefunire emikwano eyo. Era bagamba … Ow'oluganda Arganbright yampita era n'agamba, "Ow'oluganda Branham," ddala Omwoyo kye yagamba. Yagamba, "Jjangu, era jjangu ne mukyala wo," yagamba, "kubanga togenda kubuulira nnyo," yagamba, "kubanga ndowooza bakulina ekiro kimu kyokka." Era n'agamba, "Oyinza nakyo obutakibuulira."

Ne nngamba, "Nedda."

138 "Kale," yagamba, "Jjangu, gwe ne mukyala wo, mwenna mujje," Olaba? "era bwemunaakikola, nja kubatwalako okulambula. Bonna, mukyala wange n'owuuwo, era ne bonna, tujja kugenda okuyita mu Switzerland paka n'okuyita mu Bufirisuuti."

Ne nngamba, "Nedda."

139 Nnalina okuvvuunulwa. Nagamba Ow'oluganda Welch oba Ow'oluganda Fred ne bonna, "Nja kubabuulira ku makya, naye okusooka mukyala wange ateekwa okusooka okubaako kyayogera." Era bwe namuyita, awo n'agaana okugenda. Ne nngamba. " Kye kyo." Olaba?

140 Kati, eryato eryo etono eryeru lwe lwali olukunngaana olwo olumu. Kirungi okugenda wonna wano ku lubalama n'olukunngaana olumu, naye terumala, yadde nga lwali lweru era nga kirungi, okumpita emitala w'amayanja.

141 Ab'oluganda Fred ne Ow'oluganda awo akiikiriddwa, mu kwolesebwa bakiikirira: okugenda nga abalambuzi olw'okunyumirwa. Naye nze saagala kukola ekyo. Era okubagaana okubeera abasabaza abantu ku maato, kyategeeza nti tebaali babuulizi. Naye nze nnali mubuulizi.

142 Kati emmere eyo mu kizimbe ekyo ekitono ekiwanvu … Saagenda mitala wamayanja, era ne nkomaawo mu kizimbe kino ekitono, era ne tukola daziini ne daziini z'entambi za piramidi (pyramids) era na buli kimu okulaga abantu essaawa ki gye tulimu.

143 Kati, n'ekyo kigeraageranye n'ebirala, ebirooto. Kuno kwaali kwolesebwa. Emmere, yino wano. Kino kye kifo.

144 Mwekkaanye, kati kiki ekyabaawo? Awo oluvannyuma lw'ekyo ddala okwolesebwa okw'okuna n'ekuddirira, oba ekirooto eky'okuna ekyambuulirwa, ne wajja Ow'oluganda Parnell. Alinako waali wano: w'ali wano. Era Billy teyali wano, omusajja yali mweraliikirivu. Abeera Bloomington nzikiriza, oba Bedford? Lafayette, nga balina enkunngaana … Era n'afuna ekirooto, era najja eri Ow'oluganda Wood. Yagamba, "Kino ssisobola kukireka kumala gagenda. Nteekwa okukyogera, nteekwa okubuulira Ow'oluganda Branham. Kintawanya." Era Katonda amanyi, tewaali kirooto n'ekimu wakati waabyo. Byajja kimu, bibiri, bissatu, bina, bitaano, mukaaga.

145 Ow'oluganda Parnell yagamba, "Nabadde n'ekirooto ekitali kya bulijjo. Naloose nga nngenda kuba n'olukunngaana waggulu eyo, naye nekirabika nga awaaliwo olukunngaana olulala mu kkanisa empya." Era n'agamba … Ekkanisa eno empya, engeri gyeyajjamu, nti yeewuunya lwaki zombi baali tebakolagana, oba ekintu nga ekyo. Era n'agamba yali ayimiridde awo, nalowooza, "Kirungi, mbadde wano; nja kulinda bulinzi, era nja kubeera mu lukunngaana." Yagamba omusajja yajja okuyita mu kizimbe ne kooti eya bulawuni n'ekitabo. Ndowooza yali awandiika.

234 Kati, wetegereze. Waliwo amazima mangi ag'abulira eyo. Lwaki? Abamu webekiriranya ku mazima. Naye malayika ono ow'omusanvu tagenda kwekiriranya ku kintu kyonna. Akunngaanya byonna ebyalekebwayo, n'abikunngaanya byonna, era mu kufuuwa kwe, ekyama kya Katonda kyonna ne kiryoka kituukirira. Oh, Katonda yamusindika. Ebyama byonna ebyakwekebwa byatuukirira bwe ya… Byamubikkulirwa. Na ki? Bwe kiba nga bino bye byama ebyakwekibwa, omuntu ono ateekwa okuba nnabbi. Era tetwakakiyitamu era netukiraba nti nnabbi ono ajja mu mulembe ogusembayo ajja kuba Eriya oyo ow'ekitalo gwetubadde tulindirira? Kubanga ebyama bino ebikwekeddwa eri abasoma eby'amaddiini biteekwa okubikkulibwa Katonda, era Ekigambo kijja eri nnabbi yekka. Era tukimanyi. Ajja kubeera Eriya ow'okubiri, nga bwekyasuubizibwa. Oh, obange. Obubaka ajja—bwajja okuleeta bujja kubeera ebyama ku bintu bino byonna.

235 Tulina okubatizibwa okw'amazzi; kwonna kwatabulwa. Ekyo kituufu. Abamu bamansira, abamu bafuka, abamu batwala Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, abamu batwala kino, abamu babatiza emirundi esatu mu maaso ogumu – ogumu ogwa Katonda ayitibwa "Kitaffe," omulala ku lwa Katonda ayitibwa "Omwana." N'omulala ku lwa Katonda ayitibwa "Omwoyo Omutukuvu." Abalala bagamba, "Muli bakyamu, oteekwa okubatiza ekyennyuma emirundi esatu." Era, oh, nga kavuyo. Naye ekintu kyonna kikunngaanyiziddwa. Kubanga waliwo Katonda omu yekka, era Erinnya lye ye Yesu Kristo; era tewali Linnya ddala wansi w'enjuba okuggyako Erinnya eryo. Tewaliwo kitundu kyonna eky'Ebyawandiikibwa, tewali wonna mu Bayibuli, omuntu yenna weyabatizibwa mu ngeri enddala yonna okuggyako mu Linnya lya Yesu Kristo. Tewali n'omulundi n'ogomu ekkanisa empya, oba ekkanisa ya Yesu Kristo weyamansira, okufuka, oba ekintu ekirala kyonna. Tewaliwo mulundi n'ogumu w'ebakozesa, "Nkubatiza mu Linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Ebyo biyiiye n'ebirala. Era mu lutalo olw'amazima, ebyo byonna byali bibuze; naye Katonda yagamba alizzawo nate mu nnaku ez'oluvannyuma.

"Ndizzawo, bw'ayogera Mukama." Twakiyitamu ekyo gyebuvuddeko katono, "Omuti Omugole."

236 Kijja kutwala nnabbi. Bayibuli egamba ajja kubaawo. Ekyo kituufu. Malaki 4 kyogera nti ajja kubaawo, era tukkiriza nti ajja kubaawo. Tumulindirira, era tulindirira okweyoleka kwe. Era tujja kulaba Ekigambo kya Katonda ekikakasiddwa.

237 Wajja kubaawo batono abajja okukitegeera. "Nga bwe byali mu nnaku za Nuuwa, bwe biriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Bameka abalokolebwa? Emmeeme ttaano. Mu nnaku za Luuti waliwo bassatu bokka abalokolebwa. Omukazi yatandikako n'alemererwa. Wajja kubaawo batono nnyo abajja okulokolebwa, abajja okufuusibwa mu biro ebyo. Ekimu ku byama eby'ekkanisa eyo okusitulibwa waggulu, nga Luuti bwe yatwalibwa—nga Luuti bwe yafulumizibwa. Nuuwa yatwalibwa waggulu, era n'ekkanisa nayo egenda kutwalibwa waggulu. Omu yayingira, omulala yafuluma atte omulala naatwalibwa waggulu. Olaba, kiri ddala, kituukiridde. Ekigambo kijja.

Ekitabo ekiwandiikiddwa munda olwo kimalirizibwa, kino bwe—ebyama bino byonna nga bimazze okwogerwa.

Kati, ka nkisome nate, osobole okuba omukakafu. Kati, laba.

k'okuseembera wansi, nafuluma, nanenya ekkanisa eyo Enkatolika.

Ekkondeere eryo lyavuga. Ekyo kituufu. Kituufu?

227 John Wesley, yagolokoka mu nnaku z'ekkanisa ya Anglican, bwe bagamba, "Tewakyali nsonga ya kubeera na kudda buggya," kyafuuka ensigo. Naye John Wesley yayimirira n'obubaka obw'omulimu ogw'okubiri ogw'ekisa: Okutukuzibwa. Era nanenya ekkanisa eya Anglican n'ekkondeere ly'Enjiri nga yeeteeseteese olw'olutalo. Ekyo kituufu. Yakikola.

228 Kati, tuli mu mulembe gwa Lawodikiya, nga nate bakoze ebibiina by'amaddiini: Mesodisiti, Baputisiti, Pulisibetaliyaani, Abaluuza, Abapentekoote, era tunoonya nnabbi okujja okunenya omulembe guno era okubakyusa okubajja mu bujjemu bwabwe.

229 Kati, bwe kiba nga eyo y'ebadde enkola wonna okuyita mu mirembe, Katonda an'akyusa enkola Ye mu lunaku luno? Tasobola kukikyusa. Ateekwa okukuuma enkola eya bulijjo. Era jjukira, omubaka ono yeyali malayika ow'omusanvu, era yali wakutwaala ebyama byonna ebikunngaanye.

Wetegereze, malayika ow'omusanvu yali wakunenya ekkanisa engagga eya Lawodikiya. "Ndi mugagga, era ngaggawadde, so ssiriiko kye nneetaaga."

Yagamba, "Muli banaku abasaasirwa, abaavu, abazibe b'amaaso era abali obwereere, naye nga temukimanyi." Obwo bwe bwali obubaka bwe.

230 Ayi, Katonda, tusindikire nnabbi atalimutitiizi ne BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA, nti Ekigambo kya Katonda ekikakasiddwa kijja kukiyitamu, era kikakasibwe nti atumiddwa okuva eri Katonda. Era bwajja, ajja kuginenya emirembe egyo. Mazima ajja kukikola. Ajja kuleetera ekkanisa eyo eya Lawodikiya okumukyawa. Mazima ajja kukikola. Baakikola mu buli mulembe. Tekijja kukyuka mu mulembe guno. Kiteekwa okuba kyekimu.

231 Wetegereze, ekkanisa ya Lawodikiya: omubaka ajja kumaliriza ebya Lawodikiya…Malayika ow'omusanvu ajja kumaliriza ebyama byonna ebyali byafiirwa mu ntalo mukusooka olwa mazima.

232 Luther yagolokoka, naye teyalina mazima gonna. Yalina kuggibwaako musango kwokka. Kituufu. Awo ne w'ajja omubaka omulala ayitibwa John Wesley n'okutukuzibwa. Teyakirina. Bayibuli egamba…Ekkanisa ya Firaderufiya… Awo oluvannyuma ne w'ajja omulembe gwa Lawodikiya n'okubatizibwa kw'Omwoyo, naye ne bakitabulatabula kyonna era ne baddayo mu kibiina ky'eddiini nga bwe baakola mukusooka; Ate nga ye Yali ow'okutunuulirwa nga Alufa era Omega, omukono gwe nga gugoloddwa eno n'eri: Omubereberye era Ow'enkemerero.

233 Omwoyo Gwe gwajja ku lunaku lwa Pentekoote era ne gujjuza ekibiina ekyo. Ekkanisa yagwamu mpola, okutuusa lwe yatuuka mu mirembe gy'ekizikiza, ebikondo by'ettabaaza omusanvu ebya zaabu, emirembe omusanvu egy'ekkanisa. Ogusembayo gwe gwali ewala ennyo na Ye. Ekyo kyali—kumpi emyaka lukumi egy'ekizikiza eky'ekkanisa Enkatolika. Luther yatandika okuleeta omusana oguddako, kumpi okufaanana Ekigambo. Omusana ogwaddako gwasingawoko okufaaanana. Omusana ogwaddako, ogwa Lawodikiya, awo ate na ne gubeera ddala nga bwe gwali mu kusooka: ne bagenda mu kavuyo keekamu nga bwe bakola mu kusooka. Temulaba kye ntegeeza?

146 N'agamba Ow'oluganda Parnell, yagamba, "Luno olukunngaana si lwa bonna. Lwa baddinkoni na bawanika bokka." Kati, yawulira nga alinyiriddwa. Kale nafuluma okuyita mu luggi olw'ekkanisa empya, ekkanisa eyali ezimbiddwa, oba eno edabiriziddwa, eterezeddwa; bwe yafuluma ebweru omuzira gwali gugwa, embeera y'obudde nga mbi, ekiseera nga kyabutiti. Era tewali n'omu ku bantu bano eyakimanyako kino.

147 Bwe yafuluma ebweru mu luggi, nnali nnyimiridde awo, nga ntunudde ebugwanjuba. Era n'agamba, "Towulira nga olinnyiriddwa, Ow'oluganda Parnell. Nja kukubuulira kiki ky'ojja okukola."

148 Era Ow'oluganda Parnell oba omu kwabo abalala bakimanyi saababuulira makulu. Kiri kati kati. Naye nga nkiraba bwe babadde nga bakyogera. Mwekkaanye engeri gyenafuluma amangu, Ow'oluganda Parnell, okukikuuma nga sikikubuulira? Ne nngenda mu maaso sayogera kintu kyonna eri Ow'oluganda Wood oba omuntu omulala yenna, tewaali n'omu. Nakireka bulesi, kubanga nnali njagala kulaba wa gye kyali kikulembera. Mwampulira oluvannyuma nga nngamba, " Waliwo ekintawanya?" Ekyo kye kyali.

149 Era awo, Ow'oluganda Parnell, yagamba nti namugamba, "Ow'oluganda Parnell, tandika, era ekifo ekisooka kyojja okutuukamu kijja kuba Zipola," Zipola? "Zipola," amakulu 'okugatta, oba okukomya oba nga bwe kityo." N'agamba, "Tosigala awo." Kati genda awaddako, era ojja kusanga omukazi omukadde; era tosigala awo. Genda nate, ojja kusanga omukazi omukadde ddala; tosigala awo. Era buli kiseera twali – nnali njogera, twali tutambula okuyita mu muzira. Ne nngamba, "Tambula okutuusa bwonosanga mukyala wange, kkoma awo." Yagamba yatunula, twali tuvudde mu muzira nga tuli mu ddungu. Nnali mbuzewo. Era natunula emabega nalaba mukyala we nga asunda amazzi okuva mu nsulo, era nga omuweereza omu amusika, okumusika okuva ku kusunda amazzi. Omukazi yali amutunuulira, awo n'azuukuka.

150 Okuvvuunuulwa kw'ekirooto kyo kukuno. Era nnalibadde nkubuulira kwolwo, naye navaawo buvvi. Mu kino nti Zipola, era n'omukazi omukadde, n'omulala ddala, ddala, omukazi omukadde, ngo ge makkanisa. Olaba? Era Zipola, okuba nga ddala ye mukazi, Zipola, era wetegereze nga namugamba obutakoma kwabo; newankubadde nga baali bakadde kwenkana wa, baali bibiina byamaddiini. Tokoma ku byo. Ekiseera kyabwe kyagwako. Naye bwatuuka ku mukyala wange, era nga ye kkanisa yange Yesu Kristo gyeyansindikako mu lunaku luno olusembayo, era yiino wano, kkoma awo. Era ne nngenda ebugwanjuba.

151 Awo Mwannyinaffe Steffy… Ayinza obutaba wano kubanga abadde mu ddwaliro. Simanyi wa … Mwannyinaffe Steffy wa…Yee, wuuno wano. Mwannyinaffe Steffy yajja ewange okusabirwa nga tannaba kugenda mu ddwaliro olw'okulongosebwa, nti Katonda amuyambe era amuwe omukisa, era mazima Yakikola.

Yagamba, "Nabadde n'ekirooto ekitali kya bulijjo, Ow'oluganda Branham."

Ne nngamba, "Yee."

152 Era n'agamba, " Nnaloose nga ndi eyo ebugwanjuba ne…" Ekyo kye ky'omukaaga. N'agamba, "Nnaloose nga ndi ebugwanjuba, era nga ensi

yeetooloola, era bwenatunula, eyali ayimiridde ku lusozi, waaliwo omusajja omukadde ddala n'ebirevu ebyeru, era enviiri zeyalina, zaali zikuze okuyita mu maaso ge, era yalina ekyesibwa ekyeru okwetooloola, ekintu, ekyambalo," yagamba, "empewo yali ekifuuwa." Ndowooza ekyo kituufu, mwannyinaffe Steffy, bwe kityo. Era n'agamba, "Neyongera okusembera; yali ayimiridde ku ntikko y'olusozi, nga atunudde ebuvanjuba." Era n'agamba, "Nneewuunya, 'omusajja ono omukadde y'ani?'" Era n'asembera kumpi, kumpi nnyo; era bwe yasembera, yategeera yali ani. Ye yali Eriya nnabbi atafa, nga ayimiridde awo nga atunuulidde ebuvanjuba.

153 Yagamba, "Nteekwa okumulaba." Yali alina obwetaavu. Era nadduka paka waggulu ku lusozi, naagwa wansi awo okwogera naye erinnya nga ye Eriya, era yagamba bwe yayogera, yawulira eddoboozi nga ligamba, "Oyagala ki, mwannyinazze Steffy?" Era nga ye nze.

154 Ekirooto kyo kyatuukirizibwa ddala awo, Mwannyinaffe Steffy. Kubanga ddala oluvannyuma lw'ekyo, nnali wa kugenda e Louisville. Kye wali weetaaga kyali okusabirwa nti ayite bulungi mu ddwaliro; era n'akabonero kange ak'okugenda ebugwanjuba, nga ntunuulidde ebuvanjuba, olw'ekisibo kyange.

155 Wetegereze, bwe… Nagenda e Louisvilla, era bwennakomawo, nalinga eyatandikira mu mulyango, era waliwo enkondo ze baali basimbye mu mulyango gwange. Omwami Goyne, ow'enguudo z'ekibuga wano, yali agenda okuyita mu luguudo. Yagamba, "Billy, jjangu wano." Yagamba, "Oteekwa okuggyawo ggeeti yo n'ebirala: ekikomera, ekikomera ky'amayinja, ne ggeeti.

Namugamba, "Kale, kirungi Bill." Namugamba, "Nj—nja kukikola. Ddi?"
Yagamba, "Nja kukubuulira. Nja kukutegeeza ddi."
Ne nngamba…
"Kati, kuntandikwa y'omwaka bagenda kutandika okukikola."
Ne nngamba, "Tekirina buzibu."

156 Kale nenzirayo mu nju, era omukyala n'agamba, "Nteekwa okutunda ebintu mangu ddala." Era ne nngenda mu luguudo, era omulenzi, Raymond King, era nga ye yinginiya w'ekibuga… bulijjo namuyitaanga "Kutu w'Ebisooto" kubanga bwe twali tukyali bato nga tuwuga, yakuba omusajja mu kutu ekitole kyebisooto, era bulijjo twamuyitanga, "Kutu w'Ebisooto." Abeera ku luguudo ddala okuva ku nze, nga – nga omulyango gwa kubiri wansi wa Ow'oluganda Wood.

Kale bw'entyo, ne nngamba, "Ebisooto, jjanguko wano eddakiika."
Yagamba, "Kale, Billy." Yajja eyo.
Ne nngamba, "Enkondo eyo gye musimbye mu ttaka …"

157 Yagamba, "Billy, kiri—bagenda kutwala ekintu kyonna." N'agamba, "Emiti gino gyonna, ebikomera bino byonna, na buli kimu biteekwa okuggibwaawo."

158 Ne nngamba, "Kale, yinginiya yangamba nti ebintu byange bituuka wakati mu luguudo."

159 Yagamba, "Yee, naye bagenda kulugaziya. Bagenda kutwalawo mu ngeri yonna." Yagamba, "Newange nawo."

160 Nagamba, "Kale Ow'oluganda Wood mu-- musazi wa mayinja." Era ne nngamba, "Nja—Nja kumufuna agisembezze busembezza mabega."

161 Yagamba, "Billy, tokikwatako. Leka omuzimbi akikole. Eyo nnyumba ya

Pawulo yagamba… bw'oba oyagala okukiwandiika, Abakkolinso Ekisooka 14 :8, Pawulo yagamba, "Ekkondeere bwe livuga eddoboozi eritategeerekeka, omuntu ayinza atya okumanya eky'okweteekateka?" Era eddobozi bwe litaba lya Byawandiikibwa, erikakasiddwa, obukakafu bw'Ekigambo kya Katonda nga bulabisibwa, tunaamanya tutya nga tuli mu biro bya nkomerero? Bwe kigamba nti bakkiriza nga Yesu Kristo aba bumu jjo, leero n'emirembe gyonna, naye ne bagaana obubonero bwe n'eby'amagero ku bwe ebyo obutonde bwonna bwamukiriza, era n'ekkanisa yonna yamukiriza olwa kino, tunamanya tutya engeri y'okweteekateekamu?

220 Waliwo eyajja n'ekipande, n'akisiiga kyonna, n'omulala n'ajja n'ekintu ekirala n'asiiga ekikontana n'ekyo. Omu n'ajja n'agamba, "Kye kino," okukomawo ku kino, era abalala bawandiise ebitabo n'ebintu nga ebyo. Naye Katonda ajja mu maanyi Ge ag'okuzuukira era ani agenda okukiwakanya? Bw'aba nga Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, Akola bye bimu bye Yakola jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ekyo malayika ono kyateekwa okukola, okutwala ebyama ebyo, ebyo ebyasigalira, abantu bye baayitako…

221 Weetegereze, bwe livuga eddoboozi eritategeerekeka, eritali lya Byawandiikibwa, ani ayinza okweteekateeka? Naye ekkondeere… Okyetegereza, buli gumu ku mirembe egyo, nga bwe nabagambye ekkanisa nga ejja, waliwo okufuuwibwa kw'ekkondeere, akabonero ne kayanjuluzibwa. Ekkondeere litegeeza lutalo. Era bwe litavuga ddoboozi lya Byawandiikibwa, kiki ekibaawo? Naye kambajjukize kino. Temukisubwa kati.

222 Wetegereze, buli mulembe gw'ekkanisa gwalinaga omubaka waagwo. Tukimanyi ekyo. Pawulo ye yali omubaka eyasooka. Era ekkondeere erisooka bwe lyavuga, akabonero akasooka ne kayanjuluzibwa… Pawulo ye yali omubaka eyasooka nga bwetwakizuula. Era yakola ki? Kulangirira lutalo. Ku ki? Ekkanisa ya Orthodox olw'obutakkiriza kabonero ka Masiya Yesu ke yali abalaze. Lwaki, baalikitegeedde. Baalimutegeedde.

Jjukira Pawulo yajja ku nkomerero y'omulembe. Ababaka bonna bajja ku nkomerero ya mulembe.

Kiri mu kiseera kya nkomerero ebintu bino –lwe bigibwaayo.

223 Pawulo, nga amanyi Ebyawandiikibwa, era nga amanyi nti Yesu yali Masiya, era n'anenya amakunngaaniro ago kifo ku kifo n'Ebyawandiikibwa era yagobebwa bonna, okutuusa lwe yasangula enfuufu ku bigere bye era n'akyukira Abamawanga.

224 Kyali ki? Okufuuwa kw'ekkondeere, malayika omubaka nga ayimiridde awo n'Ekigambo. Oh, abange. Ekyo tokisubwa kati. Ekigambo… Era Pawulo n'okuvvuunulwa okutatabuddwamu okw'Ekigambo kya Katonda, yanenya gonna ago amakunngaaniro. Kyamuviirako obulamu okuttibwa.

225 Tuyinza okugendako eri Irenaeus, oyo—omubaka w'omulembe gw'ekkanisa ogwaddako, era Omutukuvu Martin, omulembe gw'ekkanisa ogwaddako, webatandikira okuyingizaamu enjigiriza y'Abanikolayiti. Era baanenya omulembe ogwo. Omutukuvu Martin yanenya omulembe gwe.

226 Era awo Luther, omubaka ow'okutaano, yanenya ekkanisa eyo Enkatolika n'Ekigambo kya Katonda. "Omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza," yagamba; era "guno si gwe mubiri gwa Kristo," naasuula akaggaati

nga erimu Abayudaaya n'Abamawanga: Abaefeso 3: 1-11, Abaruumi 16: 25, era ne Abaefeso 6: 19, Abakkolosaayi 4: 3.

Ekyama eky'okutaano kye kya kkanisa, nga Omugole wa Kristo: Abaefeso 5: 28 – 32.

212 Ekyama eky'omukaaga kye kya Kristo omulamu, aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna: Abaggalatiya 2: 20, ne Abaebbulaniya 13 : 8, mu bifo bingi bwebityo.

213 Ekyama eky'omusanvu kye kya Katonda, Kristo, nga kwe Kutuukirira kwonna kw'Obulamba bwa Katonda mu mubiri, mu Ye amagezi gonna ag'Obwakatonda n'obw'okutya Katonda bidizzibwa eri omuntu.

Ekyama eky'omwenda kye kyama eky'obujeemu ekisangibwa mu Abasessaloniika eky'okubiri n'ebirala.

214 Ekyama eky'ekkumi kye kya mmunnyeenye omusanvu ez'Okubikkulirwa 1: 20. Twakabiyitamu ebyo. Emmunyeenye omusanvu ge makkanisa omusanvu, ababaka omusanvu, n'ebirala.

Era ekyama eky'ekkumi n'ekimu kye kyama Babulooni, omwenzi: Okubikkulirwa 17: 5-7.

215 Ebyo bye bimu ku byama malayika ono byatekeddwa okumaliriza, ekyama kyonna—ebyama byonna ebya Katonda… Era ekirala… Kino ka nkyogera n'obukkakamu, era nga sitegeeza nze, naye nga ntegeeza Malayika wa Katonda.

Ezzadde ly'omusota, ekibadde ekyama ekikwekeddwa okuyita mu myaka gyonna.

Ekisa kigolokofu, si ekivume, naye ekisa ekyanamaddala ekituufu.

216 Tewaliyo kintu nga ekyo ekya ggeyeena etaggwaawo eyaka n'omuliro. Oja kugya okumala obukadde n'obukadde bw'emyaka, naye ekintu kyonna ekitagwaawo tekyaliko ntandikwa oba enkomerero, naye ggeyeena yatondebwa. Ebyama bino byonna.

Ekyama ky'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu awatali kukyamukirira, naye Omuntu Kristo nga akola emirimu gye gimu mu ggwe gye yakola.

217 Ekyama ky'okubatizibwa kw'amazzi, abakkiririza ddala mu bassatu (trinity) bakifudde ky'abitiibwa ebya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, era n'ekyama ky'Obulamba bwa Katonda nga kituukirizibwa mu kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo okusinziira ku Kitabo ky'Okubikkulirwa, ekkanisa ey'omu biro bino byegenda okuweebwa. Ebyo bye bimu ku byama.

Empagi y'Omuliro okudda. Amiina. Ekyo kye kintu ekiteekwa okubaawo, era tukiraba.

218 Oh, nga tusobola okugenda mu maaso nga tunokolayo ebyama. Okulaba Empagi y'Omuliro eyo eyakulembera abaana ba Isiraeri, yennyini eyasuula Sawulo wansi nga agenda e Damasiko. Era y'Emu, nga eja mu maanyi ge gamu, nga ekola ebintu by'ebimu, era nga ebikkula Ekigambo kye kimu, nga enyweza kigamba ku kigambo wamu ne Bayibuli.

219 Okufuuwa kw'ekkondeere kitegeeza ekkondeere ly'Enjiri. N'okufuuwa kw'ekkondeere mu Bayibuli kitegeeza, weeteeketeeke olw'olutalo lw'Ebyawandiikibwa. Mukiwandiika wansi? Olutalo olw'Ebyawandiikibwa…

mubuulizi, si bwe kiri?"

Ne nngamba, "Yee ssebo."

N'agamba, "Leka akikole." N'agamba, "Omanyi kyentegeeza."

Ne nngamba, "Yee."

162 Era nenvaawo, era mangu ago ekintu nekinkwataako. Ne nngenda eka, ne nngenda mu kisenge kyange gyensomera, nenkwata ekitabo ekyo, era nga kikyo awo. Tegaali matoffaali ga nkokoto; gaali mayinja. Ne nngamba, "Meda, weteeketeeke."

163 Ebirooto mukaaga butereevu, era awo okwolesebwa nekumaliriza byonna. "Ebintu bino bwebituukiriranga genda ebugwanjuba."

164 Nakuba essimu e Tucson. Ow'oluganda Norman afunnye ekifo. Simanyi wa gye nngenda. Simanyi kiki kyakukola. Ndi mu… nnyimiridde… Simanyi kiki kyakukola. Nva mu nnyumba gyesitateekeddwa kusasulira. Omusaala gwange guli ddoola kikumi wiiki. Era kumpi nteekwa okusasulira ennyumba ddoola kikumi omwezi. Ndi wano ne baganda bange ne bannyinazze, we njagalibwa. Naye nngenda, simanyi wa. Simanyi lwaki. Sisobola kubabuulira lwaki. Naye mmanyi ekintu kimu kyokka: kugoberera bugoberezi Kyagamba kola. Simanyi wa wakugenda, kiki kyakukola; nze ebyo si byange…

165 Ndowooza Ibulayimu yawuulira mu ngeri y'emu Katonda bwe yamugamba, "Genda ku ludda lw'omugga." Teyamanya kiki kyakukola. "Naye okuba omutambuze." Weyawule. Saamanya kiki kyakukola.

166 Olw'omukaaga olwayita ku makya, wiiki emu okuva jjo, ku ssaawa nga mwenda ku makya, nnali nzuukuse nenywa amazzi, nembikka ku Yusufu mu kisenge kye, era awo nnali nkomyewo era nnali nakagwaawo era ne neebaka. Era bweneebaka… Ndeeta ebirooto bino ebitonotono n'ebintu, musobole okulaba omusingi ogw'ekyo kye nngenda okwogera. Na—Nabikka Yusufu, ne nzirayo, ne ngwaawo ne neebaka; ne ndoota ekirooto: Era naloota nga ndaba omusajja eyali eteekeddwa okuba taata wange, yadde nga yali musajja munene w'akitalo; era ne ndaba omukazi eyali ateekwa okuba maama wange; kimu kyokka teyafaana maama wange. Era omusajja ono yali tafaayo eri mukyala we yadde. Era yalina omuggo gwa nsonda ssatu, gweyali asazeemu era nakolamu- - omanyi bw'osonjola omuti ogwenduli kikola omugo ogw'ensonda ssatu. Era buli mulundi omukazi ono gweyagezaangako okuyimirira, nga amukwata mu nsingo, n'amukuba ku mutwe, n'amukoona naagwa. Era nga asigalawo, nga tasabola kuvaawo nakaaba, era awo n'agezaako okuyimuka nate. Nga atambula okwetooloola bweyewaana, nga aleeze ekifuba kye, erisajja ery'ekitalo eddene, era buli lwe yagezaangako okuyimuka nate, nga omukwata mu nsingo, n'akwaata omuggo guno ogw'ensonda essatu, n'amukuba ku mutwe nagwo, n'amusula wansi. Natambula nadda emabega, n'aleega ekifuba kye ng'alinga akozze ekintu ekyamaanyi.

167 Era nnali nnina wennyimiridde nga nkitunuulira. Era ne ndowooza, "Ssisobola kwanganga musajja oyo. Munene nnyo. Ate n'ekirala asuubirwa okuba taata wange. Naye si taata wange." Ne nngamba, "Talina nsonga yonna okuyisa omukazi oyo bwatyo." Era ne munyigira. Era awo, mbagirawo ne nfuna obuvumu, era ne nngenda gy'ali, namusika ekitogi, n'emukyusa. Ne nngamba, "Tolina lukusa kumukuba." Era bwe nayogera ekyo, emisuwa negyereega;

nalabika nga naggwano. Era omusajja n'atunuulira emisuwa egyo, nantya. Era ne nngamba, "Mukubeko nate, ojja kundaba." Era n'atamukuba nate. Era bwenazuuukuka.

168 Nagalamira okumala akaseera katono. Naloowooza, "Kiki ekyo? Kyewuunyisa mbadde n'ekirooto ku mukazi oyo." Era mu ddakiika buddakiika, N'ajja. Ne nfuna amakulu.

169 Omukazi akiikirira ekkanisa ey'ensi leero, ensi yonna. Nnazaalibwa butereevu mu kavuyo kano, era nzuuno. Asaniddde okuba mu ngeri nga—eya maama—bw'aba nga yali maama w'abenzi, naye mu yo mwenazaalirwa ddala. Era bba—bba waayo bye bibiina by'amaddiini ebimufuga. Omugo ogwo ogw'ensonda essatu kwe kubatiza okwo okw'obussatu mu mannya amakyamu, nti buli mulundi lw'agezzaako okuyimuka, abantu, bakikkirize, nga amusuula wansi nagwo. Era ddala, ye kubanga munene nnyo, nakyuka, nnali nga amutiddemukatono, naye nemugwira bwentyo, era emisuwa kwaali kukkiriza. Ekyo kyandeetera okulowooza, "Obanga Katonda ali nange, nga asobola okumpa emisuwa, kamulwanirire." Nalekelaawo okumukuba.

170 Kiyinza okuba nga zaali ssaawa nnya emisana mukyala wange bwe yali agezaako okuyingira mu kisenge. Awo ne kibaawo. Nagenda mu kwoleseebwa ku makya ago, era nnali nga … Kati, jjukira tekyali kirooto.

171 Waliwo enjawulo wakati w'ebirooto n'okwolesebwa. Ebirooto weewo nga ogenze okwebaka; okwolesebwa nga togenze kwebaka. Tuzaalibwa bwetutyo. Omuntu owa bulijjo bwaloota, abeera mu kutegeera kwe okulala. Era okutegeera kwe okulala kumuli wala. Obusimu bwe buba bukola, kasita nabeera nga akyali mu kuteegera kwe okusooka. Mu kutegeera kuno, obeera – obeera mulamu; olaba, olegako, owulira okwatwakwo, okuwunyiriza, okuwulira. Naye bw'oba mu kutegeera kwo okulala, nga weebase, tosobola yadde okulaba, okulega, okuwulira okwatwakwo, okuwunyiriza, oba okuwulira. Naye waliwo ekintu nti bwoloota okomawo mu kutegeera kwo kuno. Waliwo ekijjukiza n'okutuusa nti ojjukira ekintu kye waloota emyaka edda.

172 Omuntu wa bulijjo ali bwatyo. Naye Katonda bwateekateeka ekintu, okutegeera kuno okulala tekuba wala na mulabi, naye okutegeera kwombi kubeera butereevu wamu. N'omulabi mu kwolesebwa tagenda kwebaka, aba akyaali akyawulira, era n'akiraba.

173 Nnali ekyo nkinnyonnyola abasawo luli, nebagolokoka ne bagamba. "Kyakitalo. Tetulowoozanganako ku kintu bwekityo." Bwe nnali nkola okukebera ejengo, era ne bagamba nnali—baali tebalabangako kintu bwekityo. Olaba? Kale, n'agamba, "Waliwo ekintu ekikubaako."

Era ne nngamba… Nabagamba. Yagamba, "Kye kyo, ddala." Olaba?

174 Okutegeera kwombi kubeerera ddala kumpi na kumpi. Si kye kintu kye nnali nsobola okukola, era tekinfula wanjawulo ku muntu omulala yenna. Katonda ye yakikola obukozi mu ngeri eyo. Togenda kwebaka; obeera ddala wano, era nga weebase. Oba oyimiridde wano n'okiraba butereevu era … mwenna mu kirabye, wonna okwetooloola ensi. Togenda kwebaka, naye nga oyimiridde wano ku kituuti nga oyogera n'abantu. Mu mpulira nga nngenda mukwolesebwa ne nkomawo nga ndi mu mmotoka naawe, awantu wonna, era ne nkubuulira ebintu ebigenda okubaawo, era tekiremererwa. Tekikikolangako. Waliwo omuntu yenna

202 Kati, mujjukira ekyo bwe kyayogerwa wano, bamalayika n'emirembe gy'amakkanisa. Era kati mu kino, kijja kukwatagana butereevu na buno obubonero omusanvu bwe tugenda okwogerako. N'obubonero omusanvu bwetugezaako okwogerako bwe najja ku mulundi guno, bwe bubonero omusanvu obwawandiikibwa. Era obubonero buno omusanvu, nga bwe mumanyi, kwekulabisibwa kwa bamalayika omusanvu ab'ekkanisa omusanvu. Naye waliwo obubonero musanvu obulala obuli emabega w'Ekitabo, obuli ebweru wa Bayibuli. Weetegereze, tujja kukituukako mu ddakiika.

203 Kati, nga si natandika kino, mukooye? Mwandyagadde okuyimirira, okukyusa ku bifo?

204 Kati, wuliriza nnyo, malayika ow'omusanvu owa Kubikkulirwa 10:7 ye mubaka w'ekkanisa ey'omulembe ogw'omusanvu. Olaba? Kati, laba. Era mu nnaku … Kati, weetegereze wano.

205 Naye mu nnaku z'eddoboozi lya malayika ow'omusanvu, bw'aliba ng'agenda okufuuwa, ekyama kya Katonda ne kiryoka kituukirira…

206 Kati, okufuuwa, omubaka ono, malayika ow'omusanvu wano, alangirira obubaka bwe eri ekkanisa ya Lawodikiya. Mwekkaanye ekikula ky'obubaka bwe. Kati, tebwali eri malayika eyasooka (teyaweebwa ekyo), malayika ow'okubiri, ow'okussatu, ow'okuna, ow'okutaano, ow'omukaaga; naye malayika ow'omusavu ye yalina obubaka obw'engeri eno. Bwali ki? Weetegereze, ekikula ky'obubaka bwe: okumaliriza ebyama bya Katonda ebyawandiikibwa mu Kitabo. Malayika ow'omusanvu amaliriza ebyama byonna ebyali byalekebwa, byonna okuyita mu bino byonna ebibiina n'ebibiina by'amaddiini. Malayika ow'omusanvu abikunngaanya natuukiriza ekyama kyonna. Ekyo Bayibuli kyegamba: atuukiriza ekama eky'Ekitabo ekyawandiikibwa.

207 Kati, ka tunokoleyoko bitono ku bimu ku byama bino. Era bw'oba oyagala, biwandiike. Okusooka, nja kutwala Scofield kyagamba wano mu Matayo 13. Bw'oba oyagala—okubigeraageranya… Bw'oba tolina Bayibuli ya Scofield, oyinza okusomako ku bimu byagamba nti bye byama.

Kati, mu lunnyiriri olw'e 11:

208 Naddamu n'abagamba nti, Kubanga kibaweereddwa… (abayigirizwa be)… Kubanga kibaweeredwa okumanya ebyama by'obwakabaka obw'omu ggulu, naye si bo… naye eri bo tekibaweereddwa. (Ebyama)

209 Kino kye kyama: "Ekyama" kye Kyawandiikibwa---ge "mazima edda agabadde gakwekeddwa, kati nga gabikkuddwa mu ngeri y'Obwakatonda, naye ekibikkako eky'Obwakatonda ne kisigalawo newakubadde kyabikkulibwa." Ebyama eby'ekitalo era ebyama ebikulu biri:

Ekisooka. Ekyama ky'obwakabaka obw'omu ggulu. Ekyo kye twogerako kati, 13… Matayo 13: 3-15.

Kati, ekyama eky'okubiri kye kyama okukuzibibwa amaaso kwa Isiraeri mu kiseera kino: Abaruumi 11: 25 erimu okunnyonnyola.

210 Eky'okussatu—ekyama eky'okusatu kye ky'okufuusibwa kw'abatukuvu abalamu ku nkomerero y'omulembe guno: Abakkolinso ekisooka 15 era ne Abasessaloniika 4: 14 -17.

211 Ekyama eky'okuna, eky'ekkanisa y'Endagaano Empya ng'Omubiri Ogumu,

olw'abantu wano abakkiriza era nga balumwa enjala era nga banywezezza. Era wano walinganga ewaka gye ndi. Kino kye kifo. Era bwe weetegereza, ekirooto kyayogera ekintu kyekimu. Olaba, emmere w'egenda…

Kati, naye simanyi kiki kiri mu biseera by'omu maaso. Naye mmanyi Ani akutte ebiseera by'omu maaso. Ekyo kye kisinga obukulu.

195 Kati, Katonda, bwemba mukyamu, nsonyiwa era ozibe emimwa gyange, Mukama, eri ekintu kyonna ekitali kwagala Kwo. Kino nkikola lwa kubanga ndimusanyufu, Mukama. Leka abantu bategeere: nnsanyuse.

196 Ensonga lwaki ndowooza nti okuvvuunulwa tekwajjirawo, kyali olw'obuyinza bwa Katonda, kubanga nzikiriza kyampandiikirwa wano mu Bayibuli. Era bwe kiba nga kiri mu Byawandiikibwa, Kyawandiikibwa kyokka kye kisobola okukivvunuula. Era bwe kiba nga kino kituufu, muganda wange, mwannyinazze, sigezaako ku kutiisa, naye twetaaga okubeera ebegendereza ennyo kati. Tulina kye… Waliwo ekintu ekigenda okubaawo.

197 Kati, njogera kino n'obwegendereza n'okutya Katonda. Era mulowooza nandiyimiridde wano, era mmwe muntwala okubeera nnabbi. Setwala kuba. Ensonga yange ebadde kino. Bo— Omwaka oguwedde nagamba nze—ekintu kimu kyenaalaba, okudda obugya kuweddeko mu mawanga, ne mugwanga lino. Nakolako okutambula okw'okubuulira. Bangi ku mmwe mwagenda nange. Oh, kirungi. Tubadde n'ebiseera ebirungi, enkunngaana ennungi, ebibiina by'abantu, naye tekyatuuka ku mulamwa. Omwaka guno nngenda kutambulako nga mbuulira Enjiri. Mangu ddala nga bwe nsobola, nngenda mu Afrika, Buyindi, okwetoloola ensi, nga nsobodde, ku lugendo olulala olw'okubuulira Enjiri. Ekyo bwe kitakola, sigenda kunywa mazzi newakubadde okulya emmere, era nngenda kulinnya ensozi ezo empanvu eyo, era nngenda kusigala eyo, okutuusa nga Katonda anyanukudde mu ngeri emu. Sisobola kusigala bwe nti. Sisobola kugenda mu maaso. Kino kiyinza okuba nga kye ky'okuddamu wano. Simanyi. Okutuusa nga Ankyusiza.

198 Mujjukira okwolesebwa wiiki nga ssatu emabega, nga nnyimiridde mu njuba, nga mbuulira eri ekibiina? Mmwe mmwena abaaliwo wano Ssande ewedde. Ssande nnyingi mmwe ababeera wano mufuna etambi era ababeera wano nga zikolebwa, mutegeera ebintu bino, kubanga kati nngenda kubikoonako bukoonyi, era mmmwe ne mulaba. Era buli kimu ku kyo ekyogeddwa, butereevu ku ntambi kigwa mu kino. Kale kiteekwa okuba nga kwe kuvvuunulwa. Simanyi. Eyo ye nsonga lwaki ngamba, "Bassebo, kino kye kyo?"

199 Nzikiriza nti malayika ow'omusanvu owa Kubikkulirwa 10 ye mubaka ow'ekkanisa ey'omusanvu eya Kubikkulirwa 3: 14. Jjukira… Kati, ka nsome…laba…we nngenda okusoma… Kati, ono ye yali malayika ow'omusanvu.

200 Naye mu nnaku z'eddoboozi lya malayika ow'omusanvu… (olunnyiriri olw'omusanvu)… bw'aliba ng'agenda okufuuwa, ekyama kya Katonda ne kiryoka kituukira, ng'enjiri bw'eri gye yabuulira abaddu be bannabbi.

201 Kati, weetegereze, ono yali malayika; era ye malayika w'omulembe gw'ekkanisa ey'omusanvu, kubanga kigamba wano, ye malayika ow'omusanvu ow'ekkanisa ey'omulembe ogw'omusanvu. Okiraba nti… bw'oba oyagala okukiraba ani—malayika aliruddawa, Kubikkulirwa 3: 14, ye malayika w'ekkanisa ya Lawodikiya.

eyali akirabyeko nga kiremererwa? Nedda ssebo. Tekisobola kulemererwa. Tekiriremererwa kasita n'abeera nga ye Katonda.

175 Wetegereze, butereevu awo ku kituuti, enkumi n'enkumi, mu maaso g'enkumi n'enkumi z'abantu, ne mu nnimi endala zesisobola nakwogera, era tikiremererwa. Labayo, ye Katonda.

176 Kati, mu kwolesebwa kuno, oba nga bwe mbadde njogera, natunula, era ne ndaba ekintu ekitali kya bulijjo. Kati, kyalabikanga nti Yusufu mutabani wange yali ku ludda lwange. Nnali njogera gy'ali. Kati, singa onetegereza okwolesebwa nnyo ddala, ojja kulaba lwaki Yusufu yali ayimiridde awo.

177 Ne ntunula, nga waliwo ensiko enene. Era ku nsiko eno mu—mu kibinja ky'ebinnyonyi, obunnyonyi obutono, nga kitundu kya yinki obulamba na kitundu kya yinki obuwanvu, bwaali obwazirwanako. Ebyoya byabwo byali byamanyuukako. Era bwaali nga bubiri oba bussatu ku ttabi lya waggulu, mukaaga oba munaana ku ttabi eriddako, era kkumi na bitaano oba abiri ku ttabi eriddako, nga bukka wansi mu kikula kya piramidi. Era obunnyonyi obwo obutono, ababaka abatono… Era ddala bwali bukooye. Bwaali butunuudde ebuvanjuba, era nnali Tucson, Arizona, mu kwolesebwa. Yakikola ddala nti nneme okulemererwa okulaba wa we nnali, nnali negyako sere okuva mu ddungu. Era ne nngamba, "Kati, mmanyi kuno kwolesebwa, era mmanyi nti ndi Tucson. Era mmanyi nti obunnyonyi obwo obutono bulina kye butegeeza." Era bwaali butunudde buvanjuba. Era awo mbagiraawo ne busalawo okubuuka, era bwebutyo ne bugenda ebuvanjuba.

178 Era mangu nnyo nga bwakavaawo, ekibinja ky'ebinnyonyi ebinene kyajja. Byafanaana nga amayiba, n'ebiwaawaatiro ebisongonvu, nga byalangi nga eya kakobe, langi ekuute okusingako ku y'ababaka abasooka bwe yali. Era byali bijja mu bwangu nnyo ebuvanjuba. Era ddala nga bwa kava mu maaso gange, nakyuka nate okutunula ebugwanjuba, era eyo gye kyabeererawo. Waaliwo okubwatuuka okwanyeenya ensi yonna. Kati, tokisubwa kino. Nammwe abali ku lutambi, mukakase nga mukifuna bulungi.

179 Okusooka kubwatuuka. Era nalowooza kyawulikikanga ennyonyi ewaguza okuva ku ddoboozi lya yo, oba kyonna- kye mukiyita ennyonyi bwewaguza okuva ku ddoboozi lyayo, era eddoboozi likomawo ku nsi: kyanyeenya nga okuwuluguma, buli kimu. Kati olwo kiyinza okuba kyali—okubwatuuka okunene nga engeri y'okumyansa. Saalaba kumyansa. Nawulira buwulizi kubwatuuka okwo okunene okwabaawo okwabwatuuka nga okwali ebukiika ddyo okuva ku nze, nga ogenda e Mexico.

180 Naye kyanyeenya ensi, era bwe kyakikola, nnali nkyatunudde bugwanjuba. Era eyo mu butagwaawo waliwo ekibinja kye nnalengera nga kijja. Kyalabika nga obwaali obutonyeze obutono. Tebwaali wansi wa butaano, era nga tebusukka musanvu. Naye bwaali mu ngeri ya piramidi, nga ababaka bano nga bajja.

181 Era bwe kyabaawo, amaanyi ga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna gaansitula okubasisinkana. Nga nsobola okubalaba. Na… Tekinvaangako. Ennaku munaana ziyiseewo, naye era sisobola kukyerabira. Sibangako na kintu kintawanya nga kino bwekikoze. Ab'ennyumba yange bajja kubabuulira.

182 Nnali nsobola okulaba Bamalayika abo, ebiwawaatiro ebyo ebyesulise emabega nga badduka okusinga eddoboozi bwe litambula. Baava mu

butagwaawo mangu ago nga kutemya kikowe, nga tonnaba nakutemya liiso lyo, mu kutemya obutemi. Nga batuuse. Saaba na budde kubala. Saalina budde, nga kiri nga okutemya ekikowe. Ab'amaanyi, Bamalayika Ab'ekitalo Ab'amaanyi, nga beeru ng'omuzira, ebiwawaatiro nga biyiseemu mu maaso, era baali "weeyu, weeeyu," (Ow'oluganda Branham ekigezaamu—Omuwa.) era bwekyabaaawo, natwalibwa mu kibinja kino ekya piramidi. Ne ndowooza, "Kati, kye kino." Zenna ne nsanyalala, era ne ngamba, " Oh, abange. Kino kitegeeza nti wajja kubaawo okubwatuuka okulinzita. Ntuuse ku nkomerero y'olugendo lwange kati. Sitekeddwa kubuulira bantu bange okwolesebwa kuno nga kuvuddewo. Saagala bakimanyeko, naye Kitange ow'omu ggulu andetedde okutegeera nti ekiseera kyange kiweddeko. Sijja kubuulira ba nju yange baleme okuneeraliikirira, kubanga Ateekateeka okugenda era Bamalayika bano bankimye, era nngenda kuttibwa mangu ddala mu ngeri nga ey'okubwatuuka."

183 Awo ne kijja gye ndi, nga nkyali mu kibinja kya bamalayika kino, "Nedda, si kye kyo. Singa kikusse kyandibadde kitta ne Yusufu, era nnali mpulira Yusufu nga ampita." Kati, awo ne nkyuka nate, era ne ndowooza , "Mukama Katonda, okwolesebwa kuno kutegeeza ki?" Era ne neewuunya, awo ne kijja gye ndi, si eddoboozi, kyajja buuzi gyendi. Oh, abo Bamalayika ba Mukama bajja gye ndi okumpa okutumibwa kwange okupya. Era bwe nnalowooza ekyo, nawanika emikono gyange, ne nngamba, "Ayi Mukama Yesu, kiki kyoyagala nkole?" Okwolesebwa ne kunvaako. Okumala kumpi ssaawa, nnali seewulira.

184 Kati, bantu mmwe mumanyi emikisa gya Mukama bwe giri. Naye amaayi ga Mukama ganjawulo nnyo. Amaanyi ga Mukama mu bifo nga ebyo, nagawulira emirundi mingi, mingi nnyo nga okwolesebwa tekunnaba, naye si nga ku luno. Kyalinganga okutya okwo okutukuvu. Natya nnyo okutuusa bwenasanyalala mu maaso ga Bamalayika bano. Njogera mazima. Nga Pawulo bwe yagamba, "Sirimba." Mwali munkuteko nga njogera ekintu kyonna ekikyamu ku kintu nga ekyo? Waliwo ekintu ekigenda okubaawo.

185 Awo oluvannyuma nagamba, "Mukama Yesu, bwemba nga nngenda kuttibwa, leka nkitegeere nneme okubuulira abantu bange ku kino: naye bwe kiba kintu kirala, leka mmanye." Te—tewaaliwo kyaddamu.

186 Oluvannyuma Omwoyo nga amaze okundekawo okumala nga kitundu kya ssaawa ndowooza oba okusingawo ne nngamba, "Mukama, bwe kiba nga nngenda kuttibwa, era nga omaliriiza nange ku nsi, era—era nga nngenda kutwalibwa eka kati, era bwe kiba nga kye kyo, ekyo tekirina buzibu. Ekyo kirungi." Kale ne nngamba, "Bwe kiba nga kye kyo, leka mmanye. Nsindikira nate amaanyi Go. Awo nnamanya engeri y'obutakibuulirako bantu bange, oba omuntu yenna, kubanga oteekateeka okujja okutwala." Era nze… Era tewaali kyabaawo. Era nenindirirako akaseera. Awo ne nngamba, "Mukama Yesu, bwe kiba nga tekitegeezezza ekyo, era nga kitegeeza nti Olina ekintu kyoyagala nkole era nga kijja kumbikkulirwa oluvannyuma, kale sindika amaanyi Go. Era kumpi kata ganziggye mu kisenge.

187 Nesanga nga ndi mu nsonda. Nnali mpulira mukyala wange nga agezaako okunyeenya oluggi. Oluggi lw'omu kisenge lwali lusibe. Bayibuli yali mbikkule, era waali wasoma… Simanyi, naye kyali mu, nzikiriza, Baruumi essuula 9, olunnyiriri olusembayo: "Laba nteeka mu Sayuuni ejjinja ery'oku nsonda, ejjinja ery'okwesittalwako, ejjinja enkulu ery'oku nsonda, era buli amukiriza

talikwasibwa nsonyi." Ne ndowooza, " Kyewuunyisa okuba nga nsoma ekyo." (Omwoyo ng'ampanise akyantabuza mu kisenge.)

188 Nabikka ku Bayibuli ne nnyimirira awo. Nagenda ku ddirisa (Zaali essaawa nga nnya ez'emisana oba okusingawo.), era ne mpanika emikono gyange, ne nngamba, "Mukama Katonda, sitegeera. Luno olunaku lwa njawulo gye ndi. Era kumpi nkyamuse." Ne nngamba, "Mukama, ekyo kitegeeza ki? Ka nsome nate, bwe kiba ye Ggwe." Kati, kino kiwulikika nga eky'ekito. Ne nkwata Bayibuli, ne ngibikkula. Era ne kijja awo wennyini mu kifo kyekimu: Pawulo nga agamba Abayudaaya nti bagezaako—nga agamba Abaruumi nti Abayudaaya bagezaako okukkiriza n'ebikolwa, naye kiri nti tukikkiriza lwa kukkiriza.

189 Kale, kibadde kiseera kizibu okuva olwo. Kati, mulaba wa wennyimiridde. Simanyi kiki kigenda mu maaso. Simanyi kiki kya kwogera. Naye kati, ka kati, okuva kati n'okweyongerayo, eddakiika nga kkumi na ttaano eziddako, eddakiika abiri, ka ngezeeko okubaako ne kye njogera wano kati. Jjukira, tewali yadde n'omulundi n'ogumu okwolesebwa okwo lwe kwali kulemereddwa.

190 Kati, nngenda kutwala Ebyawandiikibwa okumala akaseera. Bwe weetegereza, mu Kubikkulirwa essuula ey'e 10… Kati, ka njogera kino: okwolesebwa bwe kuba kwa Byawandiikibwa, kusobola kuvvuunulwa na Byawandiikibwa. Era kati njagala kino mu kikwataganye wamu. Era kati, mmwe abaliwo nammwe abali ku lutambi, mukakase nga mwogera kino nga bwe nkyogera kubanga kiyinzika mangu okutegerebwa obubi.

Muli mu bwangu? Kale mu… Mbeebaza olw'okubeera abawombeefu era abalungi.

191 Kati, Malayika Ow'omusanvu… Kati, "Bassebo (nga bwe nakiwadde omutwe), Kano Ke Kabonero Ke Ekomerero?" Tuli ludda wa? Biro ki eby'olunaku? Nga omulwanyi akooye okuyita mu kiro, bw'agolokoka era nakyukira essaawa okulaba ssaawa mmeka, n'assako ekitangaala… Okusaba kwange kuli nti, "Katonda, leka tusseko ekitangaala." Nnyimiridde mu kifo ekizibu, singa mu kimanyi. Jjukira, mbabuulira mu Linnya lya Mukama; mbabuulidde amazima. Era waliwo ekiteekateeka okubaawo. Simanyi.

192 Kati, mmwe abali ku lutambi, mu kifuna ekyo? Simanyi. Nngenda kwogera ekyo ekyazze gye ndi jjo nga ndi mu kisenge kyange eky'okulindiriramu. Sigamba nti gano ge mazima. Wabula kintu ekyabadde ku mutima gwange bwe natambudde wansi.

Na—Nabadde nteekwa kugenda eyo, okufisaawo ku budde era nngende ne Charlie, era nngende naye okuyigga olunaku lumu, nga tetunayawukana.

193 Ka nngambe, nti kubanga nngenda ebugwanjuba, tekiri nti ndekewo tabernacle eno.

194 Eno ye kkanisa Mukama Katonda gye yampa. Ekitebe kyange kiri wano. Wano we mbeera. Nngenda olw'okugondera ekiragiro ekimpereddwa olw'okwolesebwa. Mutabani wange, Billy Paul, ajja kusigala nga ye muwandiisi wange. Woofiisi yange ejja kubeera wano ddala ku kkanisa. Olw'okubeerwa kwa Katonda, nja kubeera wano kino bwe kiba kiwedde era mbuulire Obubonero Omusanvu; era etambi zonna zenaakola, oba ekintu ekirala kyonna, kijja kukolerwa wano ku kkanisa. Era ddala wano, okusinziira nga bwe mmanyi, kye kifo we nsobola okubuulirira n'eddembe okusinga awalala wonna mu nsi,